Wano yali mutuufu nnyo kubanga awatali kuwagira na kutumbula lulimi Luganda mwe tuyita okusomesa obulombolombo, obuwangwa n'empisa, Buganda terina lugendo. Omulimu gw'okukulaakulanya Oluganda guli wakati w'Ekibiina ky'Olulimi Oluganda ne Minisitule y'Ebyenjigiriza.

Wano ffe twakola entegeka ku Bwakabaka nga tubussaamu ekitiibwa mu bulamu ne mu kufa. Kabaka ne bwe yabeeranga ng'akisizza omukono, yasigalanga n'ekitiibwa kye era n'obufuzi bwe. Bwe baamalanga okutereka enjole ye ku kasozi Kiteredde, nga bamaze okumuggya akaba ke. Abagiriinya Abengo

baakawundanga. Oluvannyuma ne bakatwala ku lusozi ne kazimbirwa amasiro, ne kateekebwa ku kiwu mu kibira. Ekibira kye kifo ekiri emabega w'olutimbe, erudda eno ng'eriyo ebibbo, amafumu n'engabo n'ebirala ebyakozesebwanga ku mulembe gwe. Eŋŋoma ze ne baziteeka mu nsonda we zaakubirwanga abazaana. Abazaana baalukanga emikeeka emirungi okuzaama ne gyaliirirwa wansi ku busubi obuyooyoote. Omuzaana bwe yafanga nga baleeta omusika. Ono yabeeranga mu Masiro ng'akuuma bba.

Ssekabaka oyo mu masiro ge, yafunanga Omulangira eyamukongojjanga. Abantu bwe baagendanga okulanya, yasobolanga okulinnya ku Mulangira oyo n'anyumyamu n'abagenyi be n'ababuulira kye yabanga ayagala. Okwo kwe bayita okulinnya ku jjoba. Ssekabaka Kimbugwe naffe awo we yatubuulirira olunaku lwe yaseerera. Yafunanga Nnaalinnya we anti Kabaka tabulako Nnaalinnya. Oyo gwe tuyita Nnaalinnya w'amasiro. Era Ssekabaka yafunanga omuzaana n'amuwasa era naye yabeeranga mu masiro omwo. Mwabeerangamu abantu abalala bangi abaabeeranga n'emikolo ku Kabaka oyo.

Okutereka bakabaka awamu mu masiro nga bwekiri e Kasubi, si nkola ya Buganda. Weewaawo basobola okubeera awamu nga baaluganda oba omu nga jjajja wa munne. Abo bo tebaziraŋŋana. Jjukira bawayira. Mu Buganda omwana omukulu afunye mwana munne kizira okusula mu nju emu ne kitaawe oba gamba bakadde be nga bonna bali ne bakyala baabwe. Ewa Jjajjaawe tekizira kubanga ba luse lumu. Awo nno Mwanga II yali wa kugenda Kavumba, Ccwa yali wa kugenda Bbigo ewa Jjajjaawe Ccwa Nnabakka. Muteesa II ye yandisigadde e Kasubi kubanga ye Muzzukulu. Waakiri baalimukoledde amasiro agage oba baalimututte e Wamala ku jjajjaawe Ssuuna II, naye tebaaliterese njole ye ku kitaawe, olwo lwe Luganda. Naye Abazungu baatubuzaabuza ate naffe ne tukkiriza olw'eddiini.



Bakabaka bonna okukoma ku Muteesa I, baabaggyanga akaba ne bakawunda. Enjole zaabwe zaakuŋŋaanyizibwanga ne ziterekebwa ku kasozi Merera oba Kiteredde olw'okuba nga bonna bateredde okwo obutaseguka. Akasozi kano Kiteredde(Merera) kalabika bulungi e Kakiri ku kkono nga kaddiriddwa akasozi Busujja ak'Abengeye, ne kuddako Bukalango ak'Aboobutiko. Emabega waabwo eriyo Bakka. Akaba ko kasobola okujjululwa ne bakazimbira amasiro awalala. Abataka abakulu nabo ng'eddiini tenajja, baabaggyanga akaba ne bakatereka, ne bakazimbira ennyumba. Oyo ye yabeeranga Omulongo w'Omutaka oyo.

## OKULONDA KABAKA

Omuzungu nga tanajja, yatusanga n'entegeka yaffe gye twayitangamu okulonda abasika. Yali ejjudde obulombolombo mu bika ne mu Lulyo. Okulonda Kabaka, gwali mulimu gwa ba Lulyo Olulangira, oluvannyuma Mugema, Nadduli ne Katikkiro ne bayingira mu nsonga. Omuzungu bwe yajja, n'ayagala tugoberere obulombolombo obubwe bw'akozesa okulonda abasika. Ye Omuzungu omwana omukulu, ow'omukyala ow'empeta gw'azaala, ne bw'abeera nga muwala, y'abeera omusika. Ate nga ffe wano ab'ekika baatuulanga ne balonda mu b'oluganda oyo gwe baalabanga ng'asobola okukulembera abaana baabwe. Ow'oluganda omuto, n'asikira mukuluwe. Kino baakikolanga ne kiyamba okukuuma bannamwandu obutabagoba mu mayu, olw'okusikirwa gwe bataziza kusula naye mu nju ng'alina omukyala. Omuzungu bwe yajja, nga naffe tuzzeemu obulyake, nga tutandise okudoobya bamulekwa ne bannamwandu, ne tutandika okulonda abaana okusikira ba kitaabwe. Oba baatandika okulonda abazzukulu n'asikira ba jjajjaabwe. Ne mu Bwakabaka yayingirayo tulondenga Kabaka nga bo bwe balonda ewaabwe. Obuyinza yabuggya mu mikono gy'abakulu ab'ennono, n'abuzza mu Lukiiko, ate nga nalwo yakyusa ennonda yaalwo, lulonde era lukakase Kabaka. Ekintu ekifuula Kabaka okubeera ng'akubibwako kalulu. Ekintu ekitali kya buwangwa. Ennonda y'okukuba akalulu ku bafuzi, okuva olwo n'eyingira muno, n'ekyusa n'endowooza z'abantu, abaali bakkiriza abafuzi abaalondebwanga Abakulu b'Ebika ne Kabaka. Luli nga kya kitiibwa Kabaka okukulonda mu bangi, olwo nga buli omu akutya.

Nga tuzzeeyo ku nonda ya Kabaka, Kabaka mu Buganda alondebwa mu ngeri ssatu. Omulangira ng'olulondebwa, ng'akolebwako emikolo mingi mu lulyo lwe, nga gimukozesebwa abakulu mu lulyo n'ebika eby'enjawulo. Akozesebwa emikolo mingi ddala okusobola okumunyweza ku Bwakabaka. Kati zino z'engeri essatu Kabaka wa Buganda mwe baamulonderanga nga ze zikkirizibwa.

1. **Ennonda** esooka ya butonde (**AKASERA KE KALAMULA**).

Kabaka azaalibwa nga Kabaka, ng'alina obubonero obumwawula ku banne bw'ajja nabwo. Buno bwe bubonero Nnaalinnya ne Nabikande bwe bagenda okulaba mu ssanya ku buli mwana w'eŋŋoma azaalibwa. Okugeza ng'okujja n'endira ebbiri, okujja n'ebbala eritatera kulabikalabika ku mubiri oba mu kibatu. Nnaalinnya y'alina obuvunaanyizibwa era y'abumanyi. Omulangira azaalibwa n'obubonero obwo, y'alya Obwakabaka. Kyetuva tugamba nti Obwakabaka bwa nsikirano era nti Abatanda beezaala. Amakulu nti Kabaka azaala Kabaka. Obubonero b'Obwakabaka buno bwe bubeera ku Mumbejja, talya Bwakabaka, naye abeera n'ekitiibwa okusinga banne, era ayitibwa Nnaayimbabuna. Bwe bubeera ku mujjwa, ayitibwa Naava oba Ssaava Nnaayimbabuna. Asobola okubeera Kiweeweesi Nnaayimbabuna.

Nnaalinnya olulaba obubonero buno, akwata mangu endira z'Omulangira oyo zombi n'azikweka, n'atumya mangu Mugema, anti ye nannyini ttu, olwo ye n'adduka okugenda ewa Kabaka okumuwa amawulire. Olutuuka ng'amugamba nti, "Nzize kubika. Omutemu azaaliddwa". Oyo ye Mulangira ayitibwa omutemu. Kabaka kino akitegeera mangu, era amangu ago alagira Kasujju atwale Omulangira oyo awamu n'Omuzaana Kabejja, Nakazadde alibeera Namasole, amukweke mu kakomera mu kifo Kabaka ky'abeera alonze. Omulangira oyo tasula mu lubiri, anti bakabaka ababiri tebasula mu Lubiri lumu, anti Omutaka talya Mutaka munne. Kabaka olumala okulaba ku Mulangira oyo, nga bamutwala n'Omuzaana Kabejja. Kabaka taddayo kubeera ne Kabejja oyo, era ne Kabejja oyo taddayo kubeera na muntu yenna, kubanga Kabaka tazzibwako. Kyokka ye Kabaka agenda mu maaso n'okuzaala mu bazaana abalala. Omulangira oyo akulira mu bantu aba bulijjo asobole okutegeera n'okwagala abantu baagenda okufuga.

**Akasera** akalala kakwatagana ne Lukenge: Omulangira ng'anaatikkirwa, ekiro ekyo Omusambwa Lukenge gumulinnya ku mutwe n'alonda Omulangira anaakongojja Lukenge ne Mukebera. Omulangira oyo abeera alondeddwa emandwa ezo zombi zimukwatirawo, Kabaka ne zimuvaako. Kano nako kasera ka Kabaka obutabuusibwabuusibwa. Omulangira Kabaka gw'akwasa Lukenge taddayo kufuluma lubiri. Abeera omwo okukebera, okulabula n'okukuuma Kabaka.

Kabejja ye muka Kabaka yenna. Amala kuzaala n'afuuka Omuzaana. Omuzaana amala kuzaala Mulangira ow'ensonga, olwo n'alyoka ava ku Buzaana n'afuuka Nnaabagereka,



oba Kaddulubaale. Mutabani we olulya Obwakabaka nga bba akisizza omukono, olwo ng'afuuka Namasole. Empayira y'ekinnadiini ey'okugatta empeta,yatandika okusimba amakanda ku mulembe gwa Ssekabaka Dawudi Ccwa. Empayira eyo Kabejja temufuula Naabagereka, kubanga asobola obutazaala Mulangira wa nsonga, oba okuzaala Abambejja bokka. Erinnya Nnaabagereka lya Baabutiko. Nnaabagereka Owoobutiko eyasooka, yaganja nnyo ewa Dawudi Ccwa II. Yazaala Omulangira Ndawula ataasikira Bwakabaka. Kyokka olw'obuganzi obuyitirivu bwe yalina, Kabaka yalagira nti Omuzaana anaazalanga Omulangira alirya Obwakabaka, ayitibwenga Nnaabagereka okujjukira Omuzaana we omwagalwa. Okuva olwo Obwannaabagereka bwafuuka ekitiibwa so nga mu Boobutiko linnya lyabwe era bakyalituuma.

Omulangira ng'ali eyo mu kakomera, Nnaalinnya y'abeera alina obuvunaanyizibwa okukuuma ekyogero, okutereka engozi, obubugo oba obugoye bw'Omulangira. Beegendereza nnyo era ebeeryo emikolo egikolebwa ku Mulangira oyo amangu ddala nga yakazaalwa, era ne mu Kakomera mw'abeera ateereddwa. Abajjwa baasobolanga okubwanula ne babukweka, olwo Obwakabaka baabeeranga babwanudde. Baaweebwanga ebintu bingi, ng'ente embuzi, enkoko, embugo, ensimbi okusobola okuzza Obwakabaka.

Kabaka bwe yakisanga omukono, ng'Obuganda tebunnabikirwa, Katikkiro, Nnaalinnya, Kasujju ne Nadduli Kibaale nga bamala kutuula. Katikkiro atuma Kasujju okuleeta Omulangira anaalya Obwakabaka. Kasujju yagendanga mangu n'aleeta Omulangira oli ow'ensonga gwe baamuteresa. Kasujju n'olwekyo si yalonda Kabaka. Omulangira olumutuusa awali Katikkiro, ng'olwo Katikkiro abikira Obuganda nti "Omuliro guzikidde, bbaffe akisizza omukono". Bino byonna nga bikolebwa mu kwerinda okw'ekitalo. Obwakatikkiro awamu n'obufuzi bw'Abakungu ababadde ku Kabaka oyo awummudde, we bukoma. Abambowa bo tebakyuka bagenda mu maaso n'okukuuma Kabaka, ne Ssekabaka, n'Obuganda. Olwaleetanga Omulangira, nga Nadduli Kibaale aweebwa endira z'Omulangira oyo, ziri Nnaalinnya ze yatereka. Olwo Nadduli Kibaale n'aleeta akabugo Omulangira abikke enjole ya Ssekabaka. Akabugo Nadduli akakwasa Kasujju, akola omukolo gw'okubikkisa ako. Omulangira abika akabugo y'abeera Kabaka. Atabikka kabugo talya ntebe eyo. Era olumala okubikka akabugo, nga bamuteeka mu kakomera.

Omulangira mu kakomera bamuggyawo oluvannyuma lw'ennaku mwenda, olwo ng'asigalidde kukola Kasera, emikolo egimunyweeza ku Namulondo. Taddayo kutunula

ku muntu yenna akisizza omukono oba afudde, era tatereka oba taziika. Oluggyawo Kabaka, mu kakomera, nga Nadduli Kibaale ayita Muwunda Owengo okuggyako akaba k'omubuze, nga bamuwa n'obulira bw'Omulangira asise buli obwaterekebwa Nnaalinnya, ng'agenda okubiwunda. Endira eziwundibwa, ye Mulongo wa Kabaka omupya. Omulongo oyo atwalibwa ne Namulondo buli Kabaka w'abeera agenda okulambula. Abantu abamanyi ensonga eyo, olulaba ku Mulongo nga bakakasa nti Kabaka ajja. Akaba bakawunda ne kazimbirwa amasiro mwe baaterekanga buli kantu aka Ssekabaka oyo. Ago ge Masiro ga Ssekabaka oyo abantu gye bagenda okumulabako n'okulanya. Kabaka omupya olukkalira ku Namulomdo, ng'alonda Katikkiro n'Abakungu abalala. Ennonda ya Katikkiro gisange mu kitabo Abaganda Ab'edda.

2. **Ennonda** eyookubiri.

Kuno kuba kulonda Mulangira asaanidde okulya Obwakabaka singa kiba nti Omulangira ow'ensonga, eyazaalibwa n'obubonero bw'Obwakabaka yaseerera mangu, oba nga Kabaka abaddeko yaseerera tazadde Mulangira wa nsonga. Okulonda kuno kukulirwa Bannaalinnya nga bali n'Abakungu, n'Abakulu b'Ebika abalina obuvunaanyizibwa ku nsonga eyo. Olwensonga nti Abalangira buli omu abeera Obwakabaka abweyagaliza, bo tebeetaba mu kulonda kuno. Waliwo Abalangira abasobola okulya Obwakabaka mu butereevu, abo nga be baana b'eŋŋoma eyo ebaddeko, oba okulya Obwakabaka ensowole. Okulya ensowole kikozesbwa singa omuntu atali wa Lunyiriri olwo lwennyini, naye nga wa kika, asooba n'alya entebe. Okwewaŋŋamya kikozesebwa ng'omuntu atudde ku ntebe ya banne, ng'ava bunaayira. Olwo n'ebyama ebyasirikirwa edda bivaayo. Oli bw'abeera nga yasirikira mu lunyiriri oba mu mutuba mw'amanyiddwa, ebyo bibeera bya mu nju tebitottolwa era tebimanyibwa.

Obwakabaka buliibwa nga businziira ku mitendera gy'Abalangira etaano, nga bwe giddiriŋŋana. Omutendera ogusooka gumala kuggwaawo, ne balyoka baleeta omutendera oguddako:-

a) Abaana b'eŋŋoma, be baana ba Kabaka abaddeko.
b) Baganda ba Kabaka abaddeko, nabo baana ba ŋŋoma eyavaako
c) Abalangira Abakanabba
d) Abalangira Ababantadde
e) Abalangira Abamabunduggu



Abasooka ababiri basobola okulya Obwakabaka mu butereevu. Abakanabba balya nsowole. Bantadde ne Mabunduggu tebalya wadde ensowole, okuggyako ng'olulyo lwonna luweddewo. Omuntu okulya ensowole abeera wa kika, abeera wa Lulyo naye nga tava mu Lunyiriri olulya entebe. Ekyokulabirako ky'ennonda eno, ye Mulangira Kikulwe eyalondebwa Nnaalinnya Ndagire Ndege. Okulonda kuno kubeeramu okubuuliriza kwamaanyi n'okukola kakuyege mu Bannaalinnya, Abakulu b'Ebika n'Abakungu, sikulwa nga balonda Omulangira alina akakuku ku bantu abo, oluvannyuma n'abeefuulira, n'abatta ng'amaze okulya Obwakabaka.

3. **Ennonda** eyookusatu:

Ennonda eno ya kutabaala. Omulangira omuganzi mu bantu, naddala Abakungu n'Abakulu b'Ebika, bwe baabeeranga Kabaka oyo bamukooye,beekwatanga Omulangira oyo, n'atabaala muganda we oba kitaawe n'amutta. Olwo yasobolanga okutuula ku Namulondo. Oba Omulangira eyasoobanga n'akuba ku Mujaguzo, olwo yabeeranga afuuse Kabaka. Olwo ng'alwanyisa oli abaddeko. Bwe yawangulanga, ng'afuuka Kabaka.

## EBYOBUFUZI N'OBWAKABAKA

Kabaka mu Buganda ye mufuzi asobola okukuŋŋaanya Abaganda nga baagala, tewali kwekaanya. Buli kifo Kabaka we yakubanga olubiri, ng'Obuganda bwonna we bukuŋŋaanira mu kifo ekyo w'abeera. Abantu bangi bajjanga mu kifo ekyo ne bazimba okumwetooloola, ng'awo wafuuka Kibuga, olw'okubugirangawo abantu abangi. Olwo ng'awo we wali omutima gwa Buganda. Eyo ye nsonga lwaki omuntu bwe yabeeranga e Buddu ng'ajja ku kibuga awali Kabaka, ng'agamba nti agenda Buganda. N'eyavanga e Bulemeezi oba awalala wonna, nga naye bw'agamba. Kabaka bwe yasengukanga okuva mu kibuga ng'olwo ekibuga kisigalamu abantu batono, nga bagenda mu Kibuga ekiggya Kabaka we yabeeranga azze. Kabaka asobola okubeera n'ebibuga ebiwerako, naye ky'asinga okubeeramu kye kibeera ekitongole.

Mu lubiri munda mwabeerangamu abantu bangi nnyo abaakolangamu emirimu egy'enjawulo. Kino baakikolanga mu kwesiimira anti kyalinga kya kitiibwa okukola mu lubiri ng'oweereza omutanda. Baazimbanga ennyumba nnyingi mu Lubiri munda n'ebweru. Gano ge mayumba agasangibwa mu Lubiri:

1. Batandabeezaala eri wa Ssuuna e Wamala.
2. Nnaabatuuza. Eno ebeeramu abalongo ba Kabaka lusanvu, esangibwa Wamala.
3. Lumansi mubeeramu Omulongo Lumansi, esangibwa Wamala.
4. Sseddemakubira.
5. Lwambe.
6. Basena.
7. Waamagezi
8. Gazimbye e Kyebando, ebeeramu Nnaabanaakulya.
9. Bakumba e Kasubi, ebeeramu Bakumba owa Muteesa I (Bakumba n'abalamu ne beerabira embuyaga).
10. Bakyawa e Kasubi, ebeeramu Bakyawa owa Ccwa II (Bakyawa n'abalamu beerabira embuyaga).
11. Kimbugwe yabeeranga Buluuli. Ye Kabaka owa Balongo bonna.
12. Twekobe.
13. Masengere. Eno ebeera manju wa Twekobe. Ya kyama. Ezimbibwa nga ya kiggweerawo. Ezimbwa Balangira n'Abambejja. Gy'alabira aboolulyo. Baagizimbisanga masengere nga ne Kabaka naye agisereka.
14. Butuukirwa- Kabaka mw'alabira Abalangira n'Abambejja ab'ensonga.
15. Kagerekamu. Yakiggweerawo. Ezimbimbwa kawungeezi.

Abambejja be baasalanga ebyayi n'okuggyira etteete. Abalangira ne batema emiti, emmuli, ebinsambwe, okusamba ettaka, okubaga n'okugikuba ettaka n'okugisereka. Eyingirwa kiro ekyo era tewaba kwebaka. Abeera n'Abalangira n'Abambejja ne bamubuulira ensonga zonna. Buli luboneka lwa mwezi Mujaguzo zivuga okulabula okuboneka kw'omwezi, Kabaka n'ayingira K*agerekamu n'abeera eyo ennaku omwenda gumu ng'ali mu kusirika, kulowooza n'okusaba.*

Eyo gy'afunira amagezi n'emikisa kw'atambuliza Obuganda. Ezo ennaku omwenda talaba muntu yenna. Nnakku y'alongoosa ennyumba eyo nga Kabaka ali ku bwerende. Omwezi bwe gugwa, wayitawo ennaku ssatu okuboneka. Ekiseera ekyo kiyitibwa "Amasumi". Abasajja nga bava ku bitanda ne basula wansi. Olwo bakadde baabwe abaawummula edda, nga basobola okujja gye bali ne babaloosa. Kino abakulu tebasobola ku kikola nga weebase n'omukyala ku buliri kubanga kya buko era kizira. Olw'okusuula akalombolombo ako, abantu tebakyabaloosa kufuna kumanyisibwa okwafunibwanga



bajjajjaffe. Bo baaloosebwanga ne bamanya ebintu nga bwe bisaana okukwatibwa. Ate zino ennyumba ze zibeera mu lubiri ewa Naŋŋoma nga zeetoolodde eri ennyumba ey'emiryango omwenda, erinnya lyayo ye Kiroolokyannyinamwiru:-

i) Lumalamawano
ii) Ssaababiito
iii) Mulinde
iv) Kiwummuza
v) Bikaajumbe

Mu lubiri bazimbamu ennyumba y'Omusambwa Ggobango. Omusambwa guno gwa Balangira. Gwakka ku luberyeberye ne Kintu Omucwezi. Gwakkira Bukeerere. Gwe gugenda nga guloosa bakabaka, Abalangira n'Abakulu b'ebika ab'amaanyi, nga bafuna okumanya ebyo ebiriwo n'ebijja. Omulangira akuuma Omusambwa guno naye ayitibwa Ggobango. Abeera n'embazzi n'agenda buli awali Olubiri mu Bwakabaka bwonna obuvamu Kintu, ng'akuma ekyoto kya Ggobango. Bo bannaffe kye bava babeera nga bafuna obubaka okuva eri Katonda nga buyita mu musambwa guno okusinga abantu abalala bonna. Olwokubanga Omusambwa guno gwakkira Bukeerere, omuyimbi kyeyava ayimba oluyimba okukakasa kino nti:-

Baava wa? Baava wa?
Baava Bukeerere,
Abalangira baava wa?
Baava Bukeerere !

Ennyumba z'omu Lubiri zibeera n'emizizo nga bazizimba. Omuzimbi omukulu ayitibwa Wabulaakayole. Ono y'agenda ng'alagirira abazimbi awo awaba wataggumidde, n'abagamba nti, "Awo wabulawo akayole waggumire." Obwawabulaakayole bwami butongole ddala mu lubiri nga bwa ba Ngeye.

Bwe baba bazimba ennyumba zino, abazikolako abazimbi babeera ku bwerende nga bazizimba. Amakulu nti, tebalabagana na bakyala baabwe okutuusa ng'omulimu guwedde. Amasiro nago gazimbibwa n'emisoso gye gimu. Namwo okufaanana n'olubiri, bw'oba oyingira munda, toyingizaamu ngatto. Amasiro kitegeeza olubiri omuterekebwa Akawanga, Omulongo, Ejjembe byonna ebya Ssekabaka oyo bye yakozesanga. Byonna

nga biwuunde. Biterekebwa bulungi mu mbugo ne biteekebwa mu bibbo. Bibeera mu kibira ebeera eggigi ly'embugo. Eyo wagendayo ba mikolo bokka. Amafumu, empiima, engabo, ebivuga ng'eŋŋoma n'engalabi nga byali bya Kabaka oyo, bitegekebwa bulungi mu maaso g'eggigi we birabikira. Bateekawo ebibbo bisatu, ekya Ssekabaka oyo nannyini masiro, eky'abalongo, n'eky'Omulongo we, ebiteekebwamu ebigali.

## KABAKA MUFUZI? OBA NEDDA?

Bannaffe abeeyita abakugu mu byobufuzi buno obuyiiye era obukoppe, batugamba nti ffe abaagala ebyobufuzi obutonde, bwe bwakabaka, twenoonyeza byaffe. Bo be bakola ebyobufuzi ebigasa abantu bonna nga tebalowooza ku kukkusa mbuto zaabwe. Batugamba mbu ebyobufuzi kitegeeza nti ye saayansi w'okukuŋŋaanya abantu ne bakola ky'oyagala, bakole ekibagasa ku lw'obulungi bwabwe awamu ng'eggwanga. Bwe weetegereza omulimu guno gukolebwa bulungi nnyo mu linnya lya Kabaka. Ate bafuba nnyo okuteekawo ebyobufuzi bye balowooza nti abantu banaabyagala, naye buli lwe bagezaako okuggyawo abafuzi ab'obuzaaliranwa, abantu gye bakoma okwekyawa. Bannaffe abafuzi abo bawa Disitirikiti ssente zonna ezeetaagisa okukola enguudo nga mulimu ez'okusasula abakozi n'okusasula ebintu by'abantu ebiba byonoonese, ne babateerako emmotoka zino zi looole, tipa, tulakita eza buli kika, n'amapipa g'amafuta kyokka abakugu mu byobufuzi ne balemwa okukubaakuba ku abantu abo okukola enguudo ezo. Sente, emmotoka n'ekalakita byonna biggwaawo ne bifa. Emisolo egitukakibwa okugiwa nga tetweyagalidde, so nga tugiwa twagala mu bufuzi obutonde, gitufa bufi. Abantu omwenda ogulondebwa ku buli ddaala tebakola; enguudo ne zifa, abantu ne baggweebwako emmere, empisa n'obuwangwa ne bisereba ng'abafuzi abo batunula teri abamanyi, tebalina kitiibwa. Naye luli ng'Owoomuluka eyeeyanzanga ewa Kabaka nga bw'alagira ekintu ng'ali n'Omutongole we nga tebeera n'omu afuguma. Ate era bannaffe bano baalemwa okusomesa abantu okutegeera amakulu agali mu kulonda nga tukuba akalulu nga tuggyawo okugoberera obuzaale. Akalulu akandibadde kagasa omulonzi ate n'akatunda butunzi. Bombi atunda n'oyo aguze baba beenoonyeza byabwe ebigasa bo bennyini so si bantu bonna okutwalira awamu. Omuntu n'atunda akalulu ke omuti gwa ssabbuuni n'amala emyaka etaano ng'awoza nafunayo omuti gwa ssabbuuni oba kiro ya sukaali!

Akalulu akaalibadde ak'ekyama, n'osanga omuntu ng'abuuza munne mu kaama nti, "Tukawe ani?" Era ng'okyakayita ak'ekyama!




Nga tuzze ku bufuzi bwaffe obutonde obutali bukoppe, oba twagala bwe twalirongoosezzaamu obulongoosa. Omusajja Kanzwemu akkiririza mu bufuzi buno, ave gy'avudde agende mu Lubiri, alabe era asabe Kabaka we alambule ekitundu kyabwe nga bali bubi. Kavuna oba kasita Kabaka akkiriza, ekyo nga kimala okulongoosa n'okuyooyoota ekitundu kyabwe, Kabaka ayite mu kifo ekyo nga kiyonjo. Kale kyewuunyisa omufuzi akubaakuba ku abantu ne bakola ku kigambo obugambo nti "Nzikirizza"; Obuganda bwonna ne bukola n'omwoyo gumu, n'okwagala okuyitirivu awatali kwekaanya, wadde empeera; ate ne tulimbibwa nti oyo omufuzi tateekwa kubeera mu byabufuzi. Era n'ofuna abantu abaagala okujja omufuzi ayagalibwa bwatyo mu byobufuzi. Okuggyako ng'oli yeenoonyeza bibye ku bubwe siraba w'oggyira mufuzi ng'oyo mu byabufuzi. Tewali ayagala kumuggyako yeefuule Kabaka, mpozzi nga naye Mulangira asobola era akkirizibwa okubulya mu bwesimbu oba mu Nsowole. Oyo amukwatirwa ensaalwa n'ayagala amuggyeko ye addeko, agatte abantu ab'enjawulo olw'empaka, nga si Mulangira, ye abeera yeenoonyeza ebibye ku bubwe.

## OKUSEREBA KWA BUGANDA

Buganda gye twasubwa mwalimu okuva oluberyeberye, obutonde nga bwe tulabye waggulu. Abantu baakuumanga ennono butiribiri n'obwerende mu buli kye baakolanga; ebintu ebitakyalina makulu mu nsangi zino. Buli omwezi lwe gwabonekanga, ng'abantu bagenda okugemula eri Kabaka asobole okugabula Obuganda. Baamugemuliranga ebisolo, enkoko, amagi, omwenge egyw'enjawulo, na buli kika kya mmere n'enva. Ate buli luvannyuma lwa myezi esatu baatwalanga abadongo mu Lubiri basanyuse Kabaka n'abakiise be abaamalanga emyezi esatu nga bateesa. Kino kye kyali ekisanja ky'abadongo ekyamalanga emyezi esatu ne bakyusibwa. Abakungu nabo baamalanga emyezi esatu buli mwaka ku kibuga nga bateesa. Abantu baatwalanga buli kyalinga kyetaagisa okuddaabiriza olubiri ng'emmuli, essubi, ebinsambwe, n'empagi ne basobolanga okuddaabiriza olubiri buli myezi esatu.

Abantu ba Buganda bonna baali bawulize eri Kabaka n'abafuzi be bonna. Baayitanga mu bika byabwe ne bakulaakulanya eggwanga lyabwenga tebasobola n'omulundi n'ogumu okulya mu Kabaka waabwe lukwe wadde mu Kika kyabwe, era bwekityo ne munsi yaabwe nga tekisoboka kugiryamu lukwe. Buganda eyogerwako wano nga etiibwa olw'amaanyi ge yali erina ge yaggyanga mu bantu baayo abaakolagananga, abaayagalananga, abaayagalanga ennyo ensi yaabwe, abaagifiiriranga nga bonna bali

mabega wa Kabaka waabwe. Ekyokusaalirwa Abaganda baatandika okufuna enkwe, baatandika okukwataganirwa ensaalwa, baasuula obuwangwa bwabwe obwabakuumiranga awamu ne batandika okulowooza nti Kabaka alina waggulu we omuntu gw'alina okuyitamu okufuga abantu be. Abakulu b'ebika n'abafuzi ba Kabaka nabo twatandika obutabassaamu kitiibwa olw'okusuula obuwangwa n'obulombolombo bwaffe, Buganda n'esereba mpolampola okutuusa lwetwatuukiriza olugero lwaffe olugamba nti "Nannyini Kiggwa y'akiweebuula". Ffe fennyini ffe twayamba abagwira okunafuya eggwanga lyaffe ne tusuula ekitiibwa kya lyo. Nga buli omu atandise kwefaako yekka n'abenju ye. Ekyaleeta okusereba kwa Buganda **Ekisookera ddala, kwe kujja kwa H.M.Stanely.**



*Awo Stanely ng'atuuka e Busaabala nga 5.4.1875. Katikkiro Mukasa ye yamwaniriza. (kisangibwa mu kitabo Through The Dark Continent ekya H M Stanely). Mu 1881, Katikkiro Mukasa yatta Omukago ne Muteesa I, era naye baamutereka Kasubi.*

Abawalabu Abaluŋŋaana bo bajja eyo mu 1844, naye baatuleka ne tubeera ne Kabaka waffe. Bo baatuyigiriza kusuubula okusinga. Baali bamanyi nti Obwakabaka bufuzi buva wa Katonda, era nga Katonda yabulonderamu abafuzi n'abawa abantu be, bafugibwe mu kwesiima. Bo tebaayagala kuggyawo Bwakabaka, wabula baayagala abantu bonna



basome eddiini yaabwe ey'ekisiraamu nga batya Katonda ne Kabaka waabwe. Nabo baatugaana okwesinza ba lubaale. Bwe baamanya ng'Abaganda bonna baali mabega wa Kabaka, baasala amagezi okusomesa Abaganda eddiini yaabwe gye baaleeta. Okusobola okukola kino, baalina kutandikira mu Lubiri. Bwe batyo, Muteesa ye gwe baasinga okusomesa eddiini ey'Ekisiraamu. Muteesa oluvannyuma n'alagira abantu be bonna basome eddiini eyo. Baasoma eddiini, ne bayiga okusuubula, kyokka nga bakyagoberera Obwakabaka bwabwe. Abasiraamu baasigala baagala Obwakabaka wadde nga Obwakabaka bwakyusa eddiini ne bufuuka Obukulisitaayo nga bugoberera amagezi g'Omuzungu.

Ate Speke ne Grant bo bajja mu 1861 nga Katikkiro Mayanja y'alamula. Era nabo tebaaleeta nkyukakyuka za muggundu mu Buganda. Abantu baasigala bakyagoberera Kabaka waabwe mu byonna. Kyokka yategeeza abantu be e Bungereza nti bwe tutafuba kutwala nsi eno amakula Omuzungu omulala n'agitwala, tuliba tufiiriddwa ekintu kye tutagenda kuzzaawo. Bw'atyo Stanely bwe yajja, baasala amagezi abantu bagoberere Abazungu mu nfuga yaabwe, banafuye Obwakabaka, olwo balyoke batuggyeko ebyaffe. Stanely buli kye yayagala kyatuukirira, ne kiteekebwa mu bbaluuwa ya Muteesa gye yawandiikira Nnaabakyala nga bwe tunaalaba eyo mu maaso, olwo Abaminsane ne batuuka mu 1877. Stanely buli kyeyawandiika mu bbaluuwa ye mu 1875, kye kyateekebwa mu Ndagaano eyo 1900. Sir H. Jonston gye yakola eyassibwako emikono nga 10. 3. 1900. Bw'osoma ebbaluuwa ya Sir Johnston gye yawandiika ng'aweereza endagaano eyo, okakasiza ddala nga kino baakikola n'obumalirivu mu bukodyo nga bwe baali baagala ebeere. Yakozesa bazungu banne, Ssaabalabirizi wa Ugabda ne Ssaabadinkoni Walker okuvvuunulira, n'okumatiza Kabaka, Abakungu n'Abaami be bakkirize endagaano eyo. Ebbaluuwa eyo esoma bw'eti:-

*Sir Jonston,*
*Entebbe, Uganda*
*12th March 1900.*

*Ya Marquess of Salisbury,*

*Mukama wange, nkuweerezza ebiwandiiko bino obirowoozeeko era obikkirize, nga y'Endagaano gye ndagaanye ne: 1. Kabaka wa Uganda. 2. N'Abantu, nga nze nnyima mu linnya lya Nnaabakyala Queen wa Bungereza. Neesigira ddala nga tooleme kugikakasa Endagaano eno. Omugasso gwayo muyitirivu, kubanga ewewula obuzito bw'okusolooza omusolo ku bannannyini nsi, era n'okufuga ettaka lyabwe mu Uganda Protectorate. Ate ku Uganda yennyini, endagaano eno ebakomera ng'erina ddala ENSALO, obuyinza bwabwe n'ebirala.*

*Obanga Mukama wange naawe olowooza nga nze ku bukulu n'ebirala ebiriva mu Ndagaano eno, neesiga nga tooleme kunzikiriza okutuusa okwebaza eri Omulabirizi wa Uganda ne Ssaabadinkoni Walker abaali bataputa ne basobozesa ABAAMI ne bannansi abalala okutegeerera ddala Endagaano eyo. Era ne Mr. F.J.Jackson K.B.E. Omusigire wa Kabaka wa Bungereza era Omumyuka wa Commissioner, ne Mr. J.F. Cunningham Omuwandiisi wa kakiiko kange abannyamba ennyo nnyini mu kuteesaganya ku ndagaano eno, okuvuddemu okumaliriza endagaano eno. Okuteesaganya kwatandika ku December 23 mu mwaka oguyise. Naye ne wankubadde ng'Abaami bakkiriza EBY'OMUSOLO, ekigambo ky'Ettaka okuweebwa Gavumenti Engereza tebakyagalira ddala. Era n'emiwendo bo gye baali bawa egy'ensimbi ezisaana okusasulwa Kabaka wa Uganda, n'Abaami olw'okusolooza omusolo mu nsi yaabwe, gyali minene nnyo nga siyinza kugikkiriza. Ekigambo ekirala ekyaleeta omutawaana omunene, kye ky'Olukiiko. Kyali kyetaagirwa ddala okukendeeza obuyinza bw'Olukiiko, kino nga kiyita mu muwaendo gw'abantu abasaana okutuula mu Lukiiko.*

*Kati kampite mu byangu nga nnyinnyonnyola ku bitundu by'endagaano, olyoke oyinze okugikakasa.*

*EKITUNDU 1.*

*Ensalo z'Obwakabaka bwa Uganda kumpi ze ezo ezakkirizibwa obulungi ku Maapu ya Uganda yonna (olupapula 3), eyalongoosebwa ab'ekitongole ky'Abakessi mu mwaka 1899. Nkuweerezza Maapu embage eraga ensalo ez'akamalirizo ez'Obwakabaka bwa Uganda.*

*Okuva ku kubaddiza ebintu ebyo, nange Uganda ngifunyeemu amagoba, kubanga nfunye obuyinza bwonna obw'obufuzi, emisolo, n'ebirala ebya Toro, Ankole, Unyoro ne Usoga, okubiggya ku Uganda, nga mbiddiza Nnaabakyala Queen wa Bungereza. Nja kukozesa enkizo eyo gye nfunye, nsolooze mu nsi ezo emisolo ku Bannansi okufaanana nga egisoloozebwa mu Uganda. Era wano kankutegeeze nti Abaami ab'ensi ezo bamaze okukkiriza obuyinza bwa Nnaabakyala bw'afunye ku ttaka lyabwe lyonna eritaliiko bantu oba eritali ddime.*



*EBITUNDU 2, 4 ne 5.*

*Ebyo biri bulungi, kubanga kijja kuziyiza Uganda yennyini obutaba ya njawulo okuva ku bitundu ebirala ebya Uganda Protectorate, oba ettwaale eddene erya E.Africa mu biseera eby'edda ebirijja.*

*EKITUNDU 6.*

*Mpozzi ekigambo Ssebo, ekirabika nti onoomala gakireka kye nakola, ky'ekyokuwa Omufuzi Omuddugavu w'Obwakabaka bwa Uganda ekitiibwa ky'obwa HIS HIGHNESS. Okusooka byonna, nze ekirowoozo kyange kigamba nti Omufuzi ono asaana kuyitibwanga KABAKA erinnya ly'ekitiibwa kye mu lulimi lwe. Lino lirabika lijja kumukendeeza ku kitiibwa okusinga lwe yandiyitiddwanga "KING". Muwolereza nnyo afune ekitiibwa ekyo ekya H.H. kubanga Omufuzi munnansi oyo omukulu afuga Obwakabaka bwa Africa obunene butyo, kimuwa ekitiibwa ekyenkanaankana n'ekya Sultan we Zanzibar, anti ono asinza Sultan ensi obunene, n'abantu bangi b'afuga. Era kimwenkanyankanya n'Omulangira Omuyindi Omukulu. Mu nteekateeka zonna ez'okufuga Amatwale ga E.Africa, tekiyinzika kunyoomerera bukulu bwa Mufuzi ono Munnansi owa Uganda. Abantu be abawera akakadde akalamba bakyamussaamu nnyo ekitiibwa ne wankubadde nga ono aliko kaakano kaana kato nnyo. Nkakasiza ddala ng'okumuwa ekitiibwa kino ekya H.H. kirituleetera amagoba, kubanga Abaganda bajja kuba abawulize era batuyambe nnyo mu nsimbi ne mungeri endala mu kuddukanya Protectorate. Bwekityo mu kulowooza ku nsonga eno, erabika nga y'esinze okukaluubirira ab'omu OFFICE efuga eby'ensi ez'ebweru FOREIGN OFFICE mu Ndagaano yonna, neesiga nga ggwe Mukama wange tooleme kutegeera nti ebitiibwa ng'ebyo bisanyusa nnyo bannansi. Kale ekigambo ky'okuwa Kabaka waabwe ekitiibwa ekyenkanaankana n'ekya Sultan w'e Zanzibar, Kabaka waabwe Omuzzukulu wa Muteesa ava mu Lulyo lwa Bakabaka olwewuunyizibwa olw'obuwanvu bwabwe, era olufaanana okuba olukakafu ddala, era n'obunene bw'ensi gy'afuga, Kabaka ng'oyo okumuwa obwa H.H. kye kisingira ddala okuwangula Barigent, n'Abaami okubawa obuyinza bw'okusolooza omusolo, okutwala ettaka n'okufugira ddala abantu mu ngeri zonna.*

*EKITUNDU 13.*

*Ekitundu ky'Endagaano kino, kiteekera ddala mu mikono gya Gavana wa Uganda buli musajja yenna omukulu mu Bwakabaka bwa Uganda, bwekityo nno ekitindu kino kissa eggye lya Kabaka wa Uganda mu mikono gya Bungereza. Omugasso*

*gw'Abaserikale Abaganda gugenda gweraga gwokka. Abaserikale abakulu Abangereza batendereza nnyo obuzira bwabwe era n'obuwulize bwabwe, era nsuubira nga mu kiseera ekijja, Abaserikale Abanubbi tunaaba tetukyabeetaaga. Tuyinza okukozesa Abaganda mu Protectorate yonna.*

*Omuntu yenna ayingira mu Uganda mu biseera bino ng'abadde abaddeko mu bitundu ebirala ebya Africa eya wakati, yewuunya nnyo obulungi bw'enguudo ez'omu Bwakabaka buno, zisinga nnyo ebikubo ebya bulijjo ebisangibwa mu Africa. Okutuusa kaakano zibadde zikolebwa bannansi era ngezezzaako mu kitundu 14 okuzibalekera okuzirabirira Gavumenti enkuumi ereme kufiirwa nsimbi.*

*EKITUNDU 15.*

*Mu Kitundu kino, kirabika nti singa nga ddala obunene bw'Obwakabaka bwa Uganda obwogerwako mu Kitundu 1 bubeerera ddala sq. miles 19,600, Gavumenti enkuumi eneeba efunye ekitundu ekisinga obunene ku 1/2, ze sq.miles 10,500. Zino zijja kuyamba nnyo Railways n'Emmeeri ebijja okuteekebwawo ku nnyanja. Lingi ku ttaka lino eriweereddwa Gavumenti enkuumi ddene, naye lirikó Bakopi abalinga kumpi ddala abaddu. N'olwekyo abo bonna bajja kubeera basenze ba Gavumenti enkuumi . Bajja kuba banjawulo okuva ku bannyini ttaka bannaansi abanaafunira ddala obwannannyini ku ttaka lyabwe mu butongole. Ne wankubadde nga mu biseera ebiyise Kabaka oba Omwami abadde ayinza okuwa omuntu ettaka, naye kati omuntu ajja kufunira ddala ettaka omulundi gumu, libe lirye emirembe gyonna, era nga teriyinza kumuggyibwako, mpozzi ku nsonga eziyinza okuggyisaako omuntu ettaka lye nga mu bitundu ebirala eby'Obwakabaka bwa Bungereza, gamba ng'omuntu okulya mu nsi ye olukwe. Endagaano efa ku by'ettaka eneeyamba okumaawo okukaayana kwa Bannansi. Nkendezezzaako ku bunene bw'ettaka Abaminsani Abakatoliki lye baagala lyonna okubeera eryabwe, era nsuubira nti tujja kutuuka ku kutegeeragana n'abo. Abaminsani ab'ebibiina ebisatu bakkiriza nti ekyo kye nkoze kituufu.*

*Ate kisaana kimanyibwe mu kitundu 15 ekikomereddeyo eky'endagaano nti Gavumenti ya Bungereza ngifunidde obuyinza obw'okuyisa enguudo, railway, emikutu gy'emigga emisime n'ebirala mu ttaka lyonna nga bwe kyakolebwa mu Africa eya wakati.*



*Nkuweerezza awamu n'Endagaano eno. Ensoma y'amannya ga Bannansi era n'abalala abataddeko emikono gyabwe nga gakubiddwa bulungi mu Typewriter waleme kubaawo nsobi mu kukuba Endagaano mu kyapa. Ku nsonga y'Abajulirwa Bannansi abatadde emikono gyabwe ku Ndagaano eno, Mukama wange omuwendo gwabwe okuyitirira obungi kinaakulabikira nga kisesa. Kyokka Katikkiro (rigent) omukulu yali yeetaaga Abaami bonna abakulu mu Bwakabaka, okusingira ddala Abamasaza n'Abamagombolola nti bonna baanditaddeko emikono ng'abajulirwa. Oluvannyuma ng'endagaano enyize Kabaka n'Abaami n'Abantu baleme okwekyusa n'okweggyamu nti ffe tetwakkaanya. Mu baajulira Abazungu mulimu abafuzi abakulu aba Protectorate n'ababaka ba Minsane essatu.*

*Nze Ssebo,*
*H.H.Jonston*

*OMUBAKA OW'ENJAWULO OWA NNAABAKYALA.*

Okuva olwo Abazungu baafuba nnyo okutusomesa eddiini eŋŋenyi, nga muno mwe baali balina okuyita bafune kye baali baagala. Bwe baamala okusomesa abantu Obukulisitaayo, baasendasenda abantu bave ku Kabaka bagoberere gavumanti ya Kwini ne Bannaddiini abaali bamaze okwekwata Abakungu. Baateekawo amateeka agaziyiza abantu okwesinza mu kiganda, amannya gaffe ne bagafuula aga Sitaani era ne batugaana okugatuuma abaana baffe. Ekyewuunyisa kati baagatukuza era kati nabo bagatuuma.

Nga bayita mu kuyigiriza, baddira buli kalungi ne bakawa abo bokka abasomye, aboogera Olulimi lwabwe, abakkirizza nti ebyabwe bye bituufu, nti ebyaffe bibi si bya mulembe era bya Sitaani. Baagamba nti obuyinza obufuga abantu nga buyita mu Bwakabaka si bwa kweyagalira, babutukaka bukasi. So nga nabo ewaabwe Obwakabaka babulina era babwagala. Baddira obufuzi obunaasaanyawo Obwakabaka bwaffe ne babusomesa abasomye era ne babuggya mu mikono gya Kabaka ne babuwa abasomi. Okuva olwo, buli asoma eddiini eŋŋennyi, ng'atandika kugoberera bakulembeze be mu ddiini ye. Baasabanga Katonda akuume Nnaabakyala wa Bungereza, abafuzi ba gavumenti ya Bungereza, ne Bannaddiini. Abaganda baamala kwemulugunya, ne balyoka bawagika ebigambo"Kabaka wa Buganda" mu kusaba okwo.

**Ekyokubiri** mu kuserebya Buganda, kwe kwagala ennyo **okukoppa**. Ekirungi n'ekibi tubikoppa, kye tumanyi ne kye tutamanyi, tubikoppa. Tunaayiza nga twegomba

ebyabalala nga tulowooza nti omuntu okweyisa ng'omugwira kibeera kya waggulu. Tukoppa buli musono, buli nneeyisa na buli njogera. Tetwakoma ku kukoppa nsinza yokka bannaffe gye basinzaamu, wabula n'obulombolombo bw'eddiini zaabwe, na buli kamu akaabwe twakakoppa.

Kino ffenna abasinga tubadde tukikola, naddala abasomye, n'abamu abatasomye naye nga beegomba Abazungu, Oluzungu n'empisa enzungu. Twadibya ebyobuwangwa byaffe bingi nnyo nga tugamba nti byonna bya sitaani. Obwakabaka n'obufuzi bwaffe ne tubidibya nga tugamba nti si bya mulembe, era mbu tebituwa ddembe lyaffe ery'obuzaaliranwa. Nti omuntu alina eddembe okujeemera Omufuzi yenna era ne mukadde we kasita batakkiriziganya mu ddiini. Twatandika okujeema, twakyawa ebyaffe, olwo ne tufuuka "*abazungu abaddugavu*". Bano bendeeta ng'ekyokulabirako, si be bokka abaali mu nsobi nga bwe ŋambye waggulu, wabula kati ffe abamu tugenda tuvaayo buvi nga tumaze okulaba nga twabula era nga tusaanawo.

Ekyokulabirako kye kino:-

Mu 1918 omwana wa Katikkiro Sir Apollo Kaggwa Gulemye, ayitibwa Bulasiyo Mwebe, yagenda e Bungereza okusoma. Yamalayo emyaka ena. Yadda kuno mbu nga "yeerabidde" Oluganda. Yayogeranga ayita mu mutaputa Omuzungu Omulabirizi w'eKkanisa Rev. Baskerville eyayogeranga nti, *"Abbaggambye nti bbwalibba ayize bbulungi Luganda, aggenda ku bbabbulila ebbilungi ebbili Bungeleza. Eliyo entte ezitalinga bbubbuzi bwa kuno obutavamu matta".* Ate mwattu abantu nga bamwegomba, era nga bamuyita muzungu. Bangi nga baagala abaana baabwe boogere Oluzungu nga yye. So ng'ate Margaret Cook muwala wa Sir Albert Cook yagenda e Bungereza okusoma nga wa myaka musanvu, yakomawo wano mu 1935 nga wa myaka 24. Yali taddangako kuno kuwummula. Kyokka yakomawo ng'amanyi bulungi Oluganda. Yayogeranga nga talina nsobi gy'akola mu lulimi. Nga Muganda awedde emirimu.

Omulala ye Kaaya mutabani wa Kisingiri e Bajjo. Yagenda mu Ceylon okusoma, gye yamala emyaka esatu. Naye yakomawo kuno mbu nga naye "yeerabidde" Oluganda. Yanywanga omwenge ng'alina omutaputa gwe yayitanga naye, John Bakka mutabani wa Festo Manyaŋŋenda e Menvugaleembeese. Nafuna omukisa okujjanjaba John Bakka ono ku waada 2A. Yali musajja munyumya nnyo. Yali amanyi ebintu bingi bye yayitamu ate ebinyuma ennyo, era nga abikunyumiza nga musanyufu.



Kaaya yayambalanga ekkooti n'empale ey'obukondo nga bya kawemba. Empale yaliko enkoba ezigikwata nga ziyita ku bibegabega ne zeegattira mu mugongo ne zituuka ku mpale. Wamma ggwe yali wamulembe nnyo. Omuyimbi olwamulaba n'amuyimba nti,

"Kaaya Kaaya waffe, Kaaya,
Ow'omulembe, Kaaya,
Anyumira engoye ennyonjo eza kawemba,
Kaaya, Kaaya, waffe, Kaaya,
Alitulwanya, Kaaya,......

Buli lwe yawuliranga okumuwaana okwo, okubeera ow'omulembe, ng'ensimbi agaba, n'omwenge ng'agula, abaliwo nga banywa. Yatunda ebyalo byonna n'abimalawo ng'abinywa. Ettaka bwe yalimalawo, n'atunda n'ennyumba ye ey'omulembe. Olwo n'aggweeramu ddala, envunza ne zimuluma okumumalawo nga n'engalo zonna nvunza njereere,alya ndye. Omuyimbi y'omu yamulaba n'amuyimba nti:

"Kaaya ebigere yabirekera nvunza,
Ng'omutwe gunywa omwenge.
Aguddemu akazoole, ayize okulya envunza.
Kaaya si mubi Bakka ye mubi,
Ayita naye n'atamutundula nvunza,
Bakka yaddamu nti, ng'amutundula zaaki ng'amanyi okuzeeriira!"

**Ekyokusatu** ekiserebesezza Buganda, gwe **mululu gw'ensimbi**, ne tutunda buli ke tulina nga twagala okufuna omusimbi tubeere bulungi, nga twerabidde abaana n'abazzukulu baffe. Omusajja omukulu n'omusanga ng'atunda buli kimu ky'alina, ng'awoza nti abaana balikola ebyabwe. So nga by'atunda baabimulekera bulekezi. Tebafuba kwongera ku bintu bye baabalekera, wabula okubimalawo nga babitunda okunywa, okulya n'okukyakala. So nga buli omu y'alibadde akiraba bulungi, nti buli muntu wano we yeeyuna, n'agulaagula buli kafo. Ng'ate bambi nga ffe tetulina we tutandikira kukyusa bifo byaffe tudde eri bannaffe gye bava. Ate sikiwa nga tumanyi lwaki bo bava ewaabwe ne batakulaakulanyaayo. Singa twali tukimanyi twanditegedde nti bo we balemereddwa okubeerayo, ffe abataali baayo mu kusooka, tetulina we tulitandikira kusobolayo. N'okutukkirizaayo obukkiriza okugulayo wadde okusengayo tekisoboka.

**Ekyokuna** ekireetedde Buganda okusereba, kwe **kusenza abagwira awatali kkomo.** Bannaffe abatwetoolodde ne mu nsi yonna, omugenyi abeerako ekkomo nga waliwo amateeka agamufuga; ekintu ekitali wano. N'owennaku obunaku asobola okufuna omulimu oba okutandikawo kyonna ky'ayagala awatali kulowooza ku bannansi era nga tewali amukuba ku mukono. Wano omuntu ne bw'abeera yaakamala wo omwezi gumu gwoka, waakiri bamuwa kaadi y'omufu era naye n'akuba akalulu!. Tuleka omugenyi n'atuggweeramu, n'atubuliramu nnyo, olwo okuwasa n'okufumbirwa nga tebikyamukaluubirira. Ekivuddemu, ne tuba nga tetukyasobola kwawula kiwuuwa ku lumuli oba olumuli ku kikajjo wadde ku bbanda ettonotono. Omuntu n'alabika ng'Omuganda era ayagala ennyo ebyaffe, so nga ayagala kutuuka ku mwanjo yeesasuze bajjajjaffe kye baakola ababe; nga muli agamba nti, "Mwatuliisizanga ku buwuuwo, era mwatummanga ettaka, kati naffe katwesasuze". Kitange yalina akagero ka Kapa akannyumiranga, nti, "Lumu omusajja yatendeka Kapa ye okuweereza ebyokulya. Yaweerezanga ebyassava nga abantu bagyewuunya obutalyako. Lumu yali eweereza, n'eraba emmese ng'eyitaawo. Ebyokulya yabisuula eri n'egoba emmese". Ekyo nga kiraga nti obutonde bw'ekintu tebukyuka. N'abantu be tuweereza okutukiikirira bwe batuuka eyo ne balaba kye baagala, nga ebya Byganda basuula eri nga bagenda n'ebyabwe. Ekyo bakikola mu lwatu ne batuukiriza olugero "Ssekabwa ke weeyolera". Ate si ekyo kyokka, buli we tubeera, tutambula ne bambega mu kkaanzu, nga buli kye tuteesa kye batta. Bambi ne tulowooza nti Abaganda tebakuuma byama, era nti bwe baba mu bifo ebya waggulu tebaagala Baganda bannaabwe kumpi, so ng'oluusi si kyo!. Kino kibi nnyo kubanga bangi bafunye n'ebifo mu bukulu bw'ebika byaffe. Wewaawo waliwo abaasenga kuno ne baggweeramu, era nga baagala bye twagala, era nga bagamba nti, "tetumanyi gye twava, wano wetufunye obubudamu, n'okusoma ne tusomera ku sikaala za Buganda, olwo Buganda bw'esasika tudda wa?"

**Ekyokutaano** ekireetedde Buganda okusereba **z'e ddiini eŋŋenyi.** Abaasooka okusoma eddiini eŋŋenyi baatukola bubi. Baasiga ensigo ey'obukyayi, okusosola n'okuwalana. Olwo ne baba ng'omulamwa gw'amadiini baaguleka bbali. Omulamwa, gwe gwo, oguyigiriza nti omuntu okubeera munaddiini, kwe kwagala buli muntu, na buli kitonde Katonda kye yatonda mu nsi eno. Buli alina okwagala okwo, akola ebyo byokka Katonda by'ayagala tukole. Kiba kizibu okugamba nti otya Katonda nga bye yatonda mu kwagala kwe, ggwe ate obikyusa bibeere nga ggwe bw'oyagala. Kisoboka okugamba nti Katonda yankola bubi okuntonda nga ndi Muganda? Kyokka bangi boosanga nga tebaagala kubayita Mawanga gaabwe. Omuganda bw'omuyita nti, "Muganda ggwe", takitwala



bubi. Naye bwe kakutanda n'ogamba ow'Eggwanga eddala lyonna, oba n'olimuyita, takyagala, alowooza nti obeera omuvumye.

Abasiraamu n'Abapolotesitanti bajja kuno nga buli omu alina ekibinja kimu kimu. Abakatoliki bo bajja kuno nga bali mu bibinja bisatu - eky'Abakatoliki Abangereza abaava ewa Nnaabakyala, Abafalansa n'Abayitale. Abakatoliki bwe baatuuka kuno, beeyawulamu ne bagabana ensi mu bitundu bisatu. Abakatoliki Abangereza baatwala Buvanjuba okuva ku Busoga n'okweyongerayo. Abafalansa baatwala Buganda n'e Bugwanjuba. Ate Abayitale bo baatwala mu Mambuka. Enjawulo zaabwe eziri mu buwangwa bw'abannaddiini bano, zeeyolekera ne mu bannaansi abaatwalibwa buli kibinja, nga bafaanana ekibinja ekibatwala. Ebuvanjuba abaali batwalibwa Abangereza abaali bafuga wano, era nga bo bakolera ku kigambo "Nnaabakyala agambye", eyo Obukatoliki bwayo bwabulira mu Bukulisitaayo mu neeyisa ne mu mannya, so si mu nzikiriza. Era eyo teyali ntalo za ddiini. Eyo osobola okulowooza nti teri Bakatoliki, so nga gyebali- okugeza Cuthbert Obwangor ne Mathius Ngobi ng'oyinza okugamba nti si Bakatoliki.

Mu Buganda n'e Bugwanjuba Abafalansa baasomesanga abantu, eno nga beebuuza nti "Nnaabakyala y'ani?". Era nga muli bawakanya obufuzi bwa Nnaabakyala wano. Obukuubagano bwabwe obwo naffe ne babutusigamu. Ate Abangereza baafuba nnyo okulaba ng'Abafuzi bonna wano basoma Bukulisitaayo, ekintu ekyayongera okusiga obukyayi mu bantu okukyawa Abafuzi abatali Bakatoliki. Abafalansa baagambanga abantu baabwe nti babasosola, era nti mu bo temusobola kuvaamu Kabaka, Katikkiro wadde Abakungu abaamaanyi. Wadde ekyo baakigambanga abantu, bo abantu ng'Obwakabaka baabulemerako era nga babwagala, kubanga buli mu musaayi gwa buli Muganda nga buyita mu bika byaffe okuggyako oyo eyeeyita obweyisi Omuganda. Kyokka nga akugoba bw'atakuviirako awo, abantu abamu nabo baatandika okuwakanya enkola y'Obwakabaka nga basinziira mu ddiini. Obukyayi buno bweyolekera mu bibiina DP ne UPC, naddala eyo mu Bugwanjuba. Omukatoliki taliyingira mu UPC era n'Omupolotesitanti tayingira DP era atali Mukatoliki talikulembera DP, ne mu UPC bwekityo.

Ate Abayitale nabo bwe baatwala engulu mu Mambuka, nabo eyo ensigo gye baasigayo mu bantu baayo yanjawulo. Eyo engulu teri bika era teri Bwakabaka, so nga n'Abayitale tebakkiririza mu bufuzi bwa Bungereza n'Obwakabaka obutali Bukatoliki. Eyo y'ensonga

lwaki abantu b'engulu tebaagala Bwakabaka era bafuba nnyo okulaba ng'Obwakabaka buva mu bitundu gye buli mu Uganda yonna, wadde bo nga si gye babeera mu bitundu gye busangibwa. So nga buli munaddiini omutuufu yandibadde ayagala Obwakabaka kubanga buli kitabo kya ddiini kibumanyi nga bwava wa Katonda. Kyokka engeri buli ddiini bw'eyagala okubeera ne Kabaka waayo, kye bwava bukyayibwa, so nga bonna beesinza Katonda omu eyabuteekawo.

Mu kuleeta emivuyo mu Uganda, Eddiini zaakola kinene nnyo mu kusuula Buganda. Zaagenda wala nnyo mu kutwawulamu, ne zitugabana, ne zituyigiriza nti mugandawo omutuufu ye w'eddiini yo. Abamu beerabira n'ebika byabwe, okukyawagana ne kubeera kwa nsusso. Singa tekwali kulengera wala kwa Mulangira Badru Kakungulu, singa nakati okukyawagana kukyali kwa nkukunala. Anti yalumba Kabaka Muteesa n'amulabula Obuganda bukomye mangu okujjukiranga olunaku lw'e Kabula (26.6.1893) olwakuzibwanga okujjukira okuwangulwa kw'Abasiraamu. Yagamba nti lwalinga luttula enkovu z'entalo z'eddiini mu Buganda, era nti kiba kibi okumegga n'oluma. Kabaka yasiima olunaku ne ludibizibwa, entalo ne tugenda nga tuzeerabira.

Ku mulembe gwa Kabaka Daudi Ccwa olw'okuba nga yali muto, ate ng'Abakungu be bonna baali batamidde Abazungu, awo Abazungu we baafunira omukisa nga bawagirwa Abakungu bano, ne banyweza byonna bye baali baagala nga bayita mu Ddiini. Abazungu baafuba nnyo okulaba nga bino bibeerawo mu ggwanga lyaffe:-

i) Buli mufuzi wa nsikirano alina kubeera Mupolotesitanti.
ii) Ccwa ye Kabaka eyasooka okubeera Omukulisitaayo omujjuvu.
iii) Etteeka lyayita ng'omuntu takkirizibwa kuwasa bakyala babiri.
iv) Omwana omuberyeberye ate nga mwana wa mukyala ow'empeta, nga y'ateekwa okusikira kitaawe. Baali baagala nga ne bw'abeera omuwala, ng'asobola okusika. Abakungu kino kye baawakanya, nga batya Omumbejja okulya Obwakabaka. Luli edda ng'omulenzi asingako obukulu mu b'oluganda, nga y'asikira mukulu we, so si mwana kusikira kitaawe, n'abonyabonya ba Namwandu olw'obuko.
v) Ensinza eŋŋanda yawerebwa, okuva olwo amasabo ne gakwekebwa emmanju. Eddiini zonna essatu etteeka lino zaalisiima.
vi) Omwana azaalibwa ebweru w'empeta tabatizibwa, ne ku mugabo gw'obusika tafunako. Abasajja baatandika okwegaana abaana be bazadde batyo, so



ng'ate tebaalekayo kwagala bakyala be bbali. Abakatoliki bo abaana abo baabatizanga, n'ebyobuwangwa ebimu tebaabisuulirawo. Yo kyeyava eganja ennyo okusinga endala zonna

Eddiini zino zaatwerabiza ensibuko yaffe, era ne zi tukyayisa Obuwangwa n'obulombolombo bwaffe nga tubiyita eby'ekikaafiiri. Kyova olaba nti Munnaddiini omugundiivu tabeera Muganda. Bangi ku bo Omuziro, Obulombolombo, Ennono n'Obuwangwa bye basooka okusuula, ne bwe muba temuli kivumagana Katonda. Abeera alina okufaanana Abakulu abaaleeta eddiini. Abaaleeta muno eddiini eŋŋenyi, ewaabwe tebafukamira. Ate nga wano ewaffe n'abasajja bafukaamirira bakadde baabwe ne Kabaka waabwe. Bannaddiini baffe Abaganda, n'abo Abaganda abaasoma ne bakoppa empisa y'ekizungu, bonna baafuuka bagwira, wadde abakazi bonna tebafukaamirira bakulu abo. Tulina n'empisa zaffe nkumu ezaali zitwawula ku balala ze twaleka olwokubanga twasoma emirimu oba twafuuka abasomi b'eddiini eŋŋenyi.

So nga tewali kipya kye baatuleetera mu ddiini eŋŋenyi okuggyako okutwawulamu. Baatusanga tumanyi Katonda ow'e Butonda eyatuwa ennno n'obuwangwa, obulina okwagala, okutya abazadde, abakulu okubassaamu ekitiibwa, okuwulira, okwagala n'okukkiriza Obwakabaka nti bwava eri Katonda. Okumaliriza nga tewali kitabo kya ddiini kyogera ku mufuzi mulala gwe kimanyi okuggyako Kabaka.

Ate bwe weetegereza, olabira ddala nga tebalina Katonda gwe basaana kutusomesa ffe Abaganda. Omuganda okufaanana bo, amanyi nti Katonda yasooka kutonda musajja, era ye Kintu. Ko bo nti ddala kituufu, wabula ayitibwa Adamu. Baagala tusuule Kintu tutwale Adamu, mbu ebyabwe bye bituufu. Omuganda amanyi nti omuntu owokubiri okutonda yali mukazi, ye Nambi. Ko bbo nti kituufu, wabula ayititbwa Eva oba Kaawa, era ekyo kye kituufu okukkiriza. We twabasibira enkalu enkoona n'enywa, we wano. Omuganda amanyi nti omukazi ye yaleeta ekibi eky'okufa nga ayita mu kibala ekiyitibwa AKALO. Nabo ebyo byonna babikkiriza, wabula erinnya ly'ekibala ekyabwe bo bukya bajja kuno n'okutuusa kaakati tebalitugambanga, naye bamanyi nti kiri mu lusuku mu Eden.

Katonda yatonda ensi n'agiteekamu amawanga ag'enjawulo, ate nga buli ggwanga lirina ensalo, n'obuwangwa bwa lyo. Ensolo nazo yazaawulamu ebika. Ebinyonyi

n'ebimera nabyo bwe bityo yabyawulamu. Olaba n'amazzi nago yagaawula! Amazzi ag'omu nnyanja ezimu, teganywekako olw'omunnyo ogugalimu. Wano ewaffe amazzi malungi nnyo. Katonda kye yatonda, omuntu tasobola ku kikyusa. Tosobola kulunga munnyo mu Nalubaale n'enoga. Ennyanja ey'omunnyo tosobola kugiggyamu munnyo efaanane Nalubaale. Wadde omuyembe tekisoboka kugufuula muvule. Obuwangwa mu ngeri y'emu tebusoboka kukyusibwa. Okufuna emirembe, nga buli kimu tukitadde Katonda we yakitondera. Waliwo ebyatondebwa nga bifaanana, nga bisobola okubeera awamu, naye era ng'ekimu tekifuuka kirala, wadde bifaanana, era nga bibeera wamu. Amaddiini nago Katonda yagaawula mu makubo agamutuukako. Naye bannaffe abagasomesa, mu kifo ky'okusomesa abantu bamanye Katonda nti y'ani? biki by'ayagala tukole n'obutakola, n'okunywerera mu kkubo lyabwe, bo bavumirira bya bannaabwe na kwegaana butonde bwa bwe. Ekivuddemu kwe kusoma eddiini nga tuva ku mulamwa, n'okuva ku butonde obutwawula ku bantu abalala. Oluusi kisingawo n'obubi, ne tutamanya bitwawula ku nsolo.

Ekyewuunyisa, wadde eddiini eŋŋenyi tezaagalana, kyokka bwe kituuka ku kulwanyisa ennono zaffe n'obuwangwa, zonna zeegatta wamu ne zoogera olulimi lumu nga zirwanyisa omulabe waazo oyo. Mu kino zaawangula, kubanga ebikwatagana n'ennono zaffe byonna abatu babyegaana, era bangi beegaana emiziro gya ffe nga bawoza nti eddiini tezoogera ku miziro, bo beddira kibi, era tebalina kika. So nga nno ne Yeesu ekyamuzaazisa mu kisibo, lyali bbinu lya kwewandiisa mu bika bya bwe. Nga bayita mu ddiini eŋŋenyi, omuntu alaama nti, "Nze tebanjabizanga lumbe" oba nti "Nze oluva emagombe nga banjabiza olumbe". Abagaana okwabya ennyimbe tuleme n'okubateerako abasika, baba beerabidde nti mu bitabo by'eddiini eŋŋenyi abasika mwe bali. Abalala nga bayita mu ddiini eŋŋenyi, abasika babateekako nga tebannaziika, so ng'ate ffe ekyo tukikola mu bakulu ba bika bokka.

Ekivuddemu, abantu baatandika okwabizaawo ennyimbe. Abantu abaabizaawo ennyimbe nga twakamala okuziika bekwasa eddiini, n'obutatawaanya bantu mbu tebalina biseera, era nti kubeera kwonoona nsimbi okukuŋŋaana emirundi ebiri. Abantu abo babeera tebamanyi njawulo eri wakati wa kuziika n'okwabya olumbe, era n'amakulu agakirimu, wadde nga gaalambikibwa mu kitabo Abaganda Ab'edda, tebagamanyi. Omuntu nga yakaziikibwa, abantu be beetaaga ekiseera.



Okuziika n'okwabya olumbe bya njawulo nnyo, era nga bwe biwulikika. Okuziika kujjula ennaku, amaziga, n'okunyolwa. Okwabya olumbe mukolo gwa ssanyu, abantu basula nga zivuga, nga banywa, nga balinda omusika anaddira munnaabwe mu bigere. Ako nno ke kasiki akatuufu, kubanga Abajjwa bakuma ekyoto mu luggya wakati, singa abeera nga nnyinimu y'afudde, abantu ne basula nga boota ebisiki ebyo. Ne mu kwabya, Abajjwa bakuma ekyoto nga bwe baakola luli mu kuziika. Essanyu eribeerawo ku mbaga ekiro, eyo ebeera ntujjo, engeri gye batakuma gasiki mu luggya, era tewabeerawo akaaba. Twatabuka nnyo nga tukoppa buli kintu, ekigambo kasiki ne tukikyusa amakulu, olwo ne tutandika kwogera nga bwe tulaba nga tetugoberera luganda.

Okuziika kulimu bino:-

Omuntu okufa

Okubika

Okuwa amabugo ng'omufu tannaziikibwa. Bw'aziikibwa gafuuka mataaba.

Okuzinga, oluvannyuma lw'okunaaza omufu

Okusima entaana

Okuziika

Okusoma amabugo

Okukuma olumbe

Okusiba amafuvu

Okukubagiza

Okunywa taaba kwe basindira ennaku. Abantu be baleeta amataaba ago.

Okunywa omwenge ogw'essuumwa, oluvannyuma lw'ennaku ssatu.

Bamulekwa abafumbo okutereka amafuvu mu nju y'omugenzi.

Okwabuka abantu ne badda ewaabwe.

Entaana y'omukazi tesula nga nsime ku kyalo, kubanga asobola obutaziikibwamu. Abeera n'amaka abiri, ewuwe gye yafumbirwa, n'ewaabwe gye yazalibwa. Ne bw'amala emyaka ana mu ddya, era asobola okunoba n'addayo ewaabwe, kubanga okunoba kyafuuka kya buwangwa, ate olaba n'omufu anoba. Omukazi akaayanirwa buli ludda. Gye yafumbirwa, abaana ne bba, babeera baagala aziikibwe waabwe. Bazadde be ne bannyina, nabo babeera baagala bamutwale. Bagoberera ekiraamo ky'omufu, oba asinga okulambika ensonga, y'amutwala. Oluusi batera okulowooza nti baggya be be basse omuntu waabwe, kale tebatera kwagala kuziika muntu wa bba gye bamutidde.

Bombi bwe babeera nga baabadde basimye, oludda olutamututte, lubeera n'obuzibu okuziika entaana eyo nga bagigema ereme kululuna. Abajjwa be baziika entaana eyo. Kale kiba kizibu abaana okuleka nnyabwe afudde, bagende baziike entaana enkalu. Okwewala obuzibu obwo, kwe kukafuula akalombolombo obutasimirawo ntaana ya mukazi, okutuusa nga bamaze okutegeeragana wa gy'anaaziikibwa. Naye kati okuwasa empeta enzugu engeri gye twakifuula *eky'ennono*, omukazi kiba kimanyiddwa nti aziikibwa ku bba, oba bba we balimuziika. Okuwanuuza obutasima ntaana ya mukazi afumbiddwa ebiro bino, kibeera kitegeeza nti tetumanyi mpasa ki gye tugoberera, oba ya Nnono ya Ddiini? oba yaffe ŋŋanda?

Okwabya olumbe kulimu bino:-

Okutegeka okwabya olumbe
Okusoma ekiraamo
Okutambuza olumbe; batwala abaana b'omugenzi n'ekiraamo mu bakulu b'ekika.
Okulaga olunaku lw'okwabya olumbe
Okutema amabidde
Okuzimba ensiisira
Bamulekwa okuddamu okwesiba amafuvu
Okwaliira essanja mu nju
Okutta ebisolo
Okusula mu lumbe (mu ngalabi)- Basula banywa, bayimba nga bazina.
Olukiiko lw'ekika.
Okufulumya olumbe (kubuulirira bamulekwa mu ddiirio ly'omugenzi), n'okulangirira okwabya olumbe olwo, oba ennyimbe ezo n'ebibamba.
Okussaako Omusika-tebaddayo kukaabira mugenzi nga waliwo Omusika.
Okuggya Bamulekwa ne Bannamwandu ku kifugi
Okumwa Abasika.
Okugabula-Omusika olwo agabula abantu bonna abazze mu lumbe.
Abajjwa okwabya ensiisira, okukooza, okwera enju, n'okuzikiza ekyoto.
Okwabuka, tewabeera kukubagiza.

Bwe mwabizaawo olumbe, eno Omusika abeera agabula, ate ng'eyakatuuka ajja atema miranga olw'okufiirwa. Ekintu kino, kikontana n'obuwangwa. Olugero Oluganda olugamba nti Nnanyini Kiggwa y'akiweebuula, lwatukwata ne twerabira n'okwerabira nti ekikyo ne bwe kiba kibi, naye nga kye kikyo, kye kiba kisinga obulungi. Akuzaala ne



bw'abeera omubi eri abalala, ewuwo y'abeera asinga obulungi. Ne bw'abeera omwavu, era y'abeera akusingira ow'abalala omugagga. Wano we twaweebuulira ebyaffe ne tulowooza nti empisa n'obuwangwa n'obulombolombo ebiganda bye bibi, eby'abagwira bye birungi. Ekyavaamu kwe kusuula ebyaffe byonna, na buli kaffe konna. Omwo mwe twasuulira n'obugunjufu mu maka, mu bika, mu nfuga, mu kulima enguudo, mu neeyisa ne mu nkolagana, bye twali tutuuseeko ng'Omuzungu lubunamawanga tanatuzinda kutukyusa mitima. Bwe twatemera ku byaffe ettaka, n'ekitiibwa kyaffe twakitemerako ettaka, era buli lwe tuyimba Ekitiibwa kya Buganda tubeera mu nfumo! Tulina kuzzawo byaffe nga bwe byali, ekitiibwa kyaffe kiryoke kituukirire.

Abayindi bo bannaffe tebatusinga nnyo. Omuyindi ne bw'asoma atya, k'ebeere diini, ka kubeere kusoma kwa diguli mu kintu ekirala kyonna, ye tasuula bya buwangwa bwe. Era tebaasuula diini yaabwe. Byonna baayongerangamu birungi byokka, okusinziira ku buwangwa bwabwe. Eby'abagwira baabitumulangamu ne balaba oba nga mu buwangwa bwabwe bigyamu. Bye baalabanga nga bigyamu, nga babitwala, ebitaagyangamu, nga babireka bbali. Olaba n'ennyambala yaabwe nayo tebagikyusanga! Gandi yali Munnamateeka, kyokka mu bumalirivu, yabagamba nti, ***''Tuyinza okukkiriza enkyukakyuka, kasita ebeera nga temenyawo buwangwa bwaffe''***

Jomo Kenyata naye yatulabula nga ali mu MAU MAU, bwe yagamba nti, *"Omuzungu yajja kuno nga mwavu nnyo, alina Bayibuli, nga ffe tulina ettaka. Yatulagira tuzibirire tusabe. Twagenda okutunula, ng'Omuzungu y'alina ettaka, ffe nga tulina Bayibuli"*. Bangi Abaddugavu mu Kenya na wano, abaali bamatidde Abazungu, tebakkiriza bye yayogera era baamuyita Mukaafiiri. Kyokka bwe yafa, bonna mu ddiini zonna baamusabira.

Eddiini zino bwe zeeyingiza mu by'enfuna n'obufuzi, olwo ne tweyongera okuzitegeera mu ngeri ez'enjawulo olw'omulyo, n'okufuna obukulu, era kye ziva zaalula ng'obuloolo. Omuze guno gwe gumu gwaleetera abantu baffe okwefuula abasawo oba abalaguzi abalina okumanyisibwa okw'enjawulo. Luli nga osanga omuntu ng'oyo omu yekka-okugeza nga Kigaanira yali omu yekka mu Buganda. Naye kati buli muntu yefuula alina ky'amanyi oba aliko ensonga.

Buli ddiini erina obulombolombo bwayo, era buli ttabi erijja, lijja n'amateeka n'enfuga nga bya ttabi eryo lyokka. Okugeza, mu Butebenkevu Buteefu, basanyuka nnyo ne

bakuba eŋŋoma ne bayimba ne bakola obubaga ng'omuntu afudde. Mbu oyo abeera awonye, ng'avudde mu bizibu eby'ensi eno: so nga mu mazima abeera abalekedde ebintu bye byonna- anti bw'ogiyingira, ebibyo byonna obireeta n'obiwa abakulu ne bibeera byammwe mwenna nga bwe bibeera mu Kikominisiti. Ate omwana bw'azaalibwa, banakuwala nnyo, ne bakuba ebiwoobe nti omwana azze mu bizibu eby'ensi eno ebingi ennyo. So ng'abeera azze okugabana ku by'obugagga bwabwe.

**Ekyomukaaga** ekireetedde Buganda okusereba, kwe **kukwata empasa enzungu** nga twekweka mu ddiini, tufune obufumbo obutukuvu. Omuntu ateekwa kuwasa omukazi omu. Omu ku bafumbo ne bw'abeera omugumba, wadde omusajja takkirizibwa kutunulako bbali. Mu maka omwo olwo temuzaalibwa mwana olw'okubeera nga Katonda bw'ayagadde. Amaka agaali amakukuutivu, era amafuzi, bwe gatyo ne gazikirira nga temuzaaliddwa mwana, lwa ddiini. So ng'ate eddiini zonna mu kino zissa kimu bwe zitugamba nti, "Mugende muzaale mwale mujjuze ensi". N'Omuganda edda okufuna kino, nga tateeka magi ge mu kisero kimu!

Okuzikiriza amaka, kyazikiriza Buganda. Kino Abasiraamu baali bakiyiseeko nga bakkirizza abantu okuwasa abakazi abana. Naye nabo amaka baagatta nga bagabana *ennyumba yonna okugimalawo* kubanga abaana bonna basika. Ow'eddirisa, ow'oluggi, ow'ebbaati ne buli kantu; buli omu atwala ky'agabanye okusinziira mu tteeka, amaka ne gasaanawo. Okuggyako nga waliwo omwana alina sente n'agula k*u banne ebintu* bye bagabanye, olwo ennyumba lwe batagimenyawo, ate n'esigala nga ya mwana omu oyo eyeesobola mu nsimbi n'agula emigabo gya banne.

**Ekyomusanvu** ekireetedde Buganda okusereba, kwe **kwagala obukulu**. Ku buli mutendera abantu ne beekutula ku babatwala nga baagala beetuukire waggulu. Owakasolya eyasooka ne bw'abeera nga yazaala abaana basatu nga ge masiga, kati gaafuuka kkumi, ate abamu beefuula emituba emirangira egyetuukira ku Kasolya. Oli ne bw'aba nga yakayingira mu kika nga ne mu balya ensowole taliimu, era awagaanya n'afuna waakiri omutuba ogwetuukira waggulu. Kino kigenze kibuna ne ku Masiga, Mituba n'Ennyiriri olwokwagala obukulu. Ebyo kati tubikola nga tetugoberera buwangwa ekintu ekinafuyizza ennyo ebika.

Kati we twogerera Buganda eserebye n'ekamala. Eserebye mu mpisa, mu kwagala ne mu kukola, ne tuba nti abaali bakulembedde mu buli kimu, nga twadda dda emabega nga ffe kati tusemba. Ate bo bannaffe abajja muno mu Buganda bo bakwatagana, bategeeragana era batusalira amagezi batuggyewo.



Kasita bakuŋŋaana mu Kampuni mwe bakolera ne bawera, nga bagamba abakulira Kampuni eyo, kasita ebeera nga si ya Muganda, nti Abaganda bantu babi, bazibu nnyo, ba lugezigezi, babbi, bajja kusuula kampuni yo. Okugenda okukkakkana nga buli Muganda agobwa bazzaawo atali Muganda. Bo bannaffe nga bafunira bannaabwe emirimu, nga ffe tufuuka bakireereese okwaffe. Awo nno naffe nga tulinga abaloge, tetukyayagaliza bannaffe kalungi, n'omutima ogulumirwa bannaffe tetukyagulina; olaba n'ogulumirwa abaana baffe nti tulibaleka wa? nagwo tufuma mufume! Kati abagulina ku kikumi osobola obutasangako bawera bataano abagulina. Bajjajjaffe baalumirwanga bazzukulu baabwe wa we balibeera. Kati buli muntu ali ku lulwe, na ku lubuto lwe, okusinga okulowooza ku nsi ye, wadde ku baganda be, abaana be, ne bazzukulu be.

Okuggyako mu mazima nga twewaddeyo tufuuke bakireereese abatalina butuulo na ndagiriro mu Nsi ya boobwe, siraba wa we tutandikira butafaayo kulumirwa buwangwa bwaffe, bika byaffe, bufuzi bwaffe, ebifo byaffe n'ettaka lyaffe bajjajja baffe bye baatulekera. Olwo naffe tulyoke tusobole okubirekera abaana n'abazzukulu baffe. Kijja kutubeerera kyangu bannaffe abo okubakwatirako basobole okulongoosa gye bava, erongooke, baagaleyo, okusinga bonna lwe baggweera wano, oba ffe lwe tulowooza nti tulisobola okugenda ewaabwe ne tusobola okubeerayo.

Bw'osoma okwogera kwa Lord Lugard kwe yakola mu Lukiiko lw'Abakungu (House Of Lords) e Bungereza nga 13.6.1922, okimanyira ddala bulungi nti Omuzungu eyajja kuno, ye yakola entegeka mu bugenderevu, ez'okusanyaawo Buganda. N'omuyimbi yamulaba bwe yamuyimba nti:-

"Yajja mpolampola, yajja asooba,
Omuzungu Omungereza.
Yajja mpolampola, yajja aseemya,
Omuzungu Omungereza,
Yajja mpolampola ng'anaakumwa ekyenyi,
Omuzungu Omungereza,
Bwe yatuuka e Nakasero wakati,
N'afutubbaza ebbango, yantabula....."

Kisaana kijjukirwe nti Omuzungu bwe yali agenda okwenyweza e Nakasero, yasooka kuggyayo nnyini wo Omulangira Nuhu Mbogo Kyabasinga, n'amusengula okumuggya e Nakasero, n'amuzza e Kibuli. Awo Omuzungu we yava ne yezza Nakasero, Kololo, n'Obuganda bwonna. Ekyaddirira, Sir Gerald Portal kwe kulangirira Uganda okubeera Protectorate nga 19.6.1894, nga Bishop Tucker y'akulembera eddiini. Era ku lupapula 27, C W Hattersley mu kitabo kye The Baganda at Home, akugamba nti:- "Abaminsane bafubye awatali kuweera, nga bawagira, bafuukutirira abantu bakyuke badde eri gavumenti enkuumi". Ate ku lupapula 49 mu kitabo kye kimu, agamba nti, "Buganda eri 1/4 ekya Bungereza, 1/8 ekya Uganda yonna, nga eriko sq. mile 19,600; kyokka nga 8,000 zokka ze za Bannansi, nga 11,600 zaatwalibwa gavumenti enkuumi nga Crown Land". *(Omuzungu yali amanyi nti mayiro ezo mulimu eby'obugagga, mbu azitukuumire. Yaggyako mayiro 2600 nga ezo zize za Gavumenti ezikozese nga bw'eyagala. Ezaasigalawo z'emayiro 9000 akabanjibwa gavumenti, nayo eyasigala ezikozesa nga bw'eyagala awatali kwebuuza ku banannyizo)*.*

Lugard mu kwogera kwe, mu Palimenti y'Abakungu ba Bungereza kino yakikakasa bwe yagamba bw'ati: (Okusooka mu Luzungu)- *The Late Lord Lugard Speech in the House of Lords. 13th June 1922.*

*"It was in Uganda that I began to work out the two principles now so important in the British Colonies policy. I, my self an Officer of the army, had been deputed to make a treaty with a semi-savage King of whom I heard for his cruelty and incapacity. From the beginning I knew that he did not like to see the face of a British Army Officer. I sought no unfair advantage, no accusition of territory, no monopoly of trade, no ennexation of adeventures would be allowed for the native of Uganda to have. Every-thing of them would be completely destroyed such as cattles, trading of their own business. Because if the Baganda will have a Trade Union, we will not have any chance to rule them.*

*My task was and still keeping in mind that the best policy for us is to put slavery burden on the native's shoulder. We have a prescriptive right in East Africa and its lakes. They were all discovered by British Explorers. Our missioneries first penetrated into Uganda in the foot-stepes of our explorers. Thus by right of discovery and mis-sionary effort, we have received and still receiving everything we wanted to have in Uganda. If the missionaries did not help us at the time of crisis in Uganda, which is*

* Obugambo obuli mu lukono, waggulu mu bukomera, bwange.



*called dark days of Uganda Agreement, nothing would have been done by Officers themselves.*

*The bricks in Uganda were made straight. The agreement was made, which was really a great token to the British flag. The land was taken from them, they have no their own land as far as I can judge out my own point of view. The Kabaka of Buganda has no any full control of his country, everything is being based out by British representative in Uganda. The British flag is now waving all over the Buganda, or Uganda protec-torate. More yet and more men are urgently needed to proceed over and scattering the parts of East Africa. The last word of mine, I have done my task and I have entirely completed it to the best of my knowledge. "The door is now open wide for you". Use all your influence.*

Okuvvuunula:

"Mu nsi Uganda mwe natandikira okukola emisingi ebiri emikulu ennyo egifuukidde ddala kaakati enkola ey'amaanyi ennyo mu nfuga y'Amatwale ga Bungereza. Nze, kennyini ng'Omukungu omukulu mu magye, nalondebwa okukiikirira gavumenti ya Bungereza okukola endagaano ne Kimbuyege Kabaka gwe nali maze okuwulira nti mukambwe ate nga muligo ajjudde obutamanya.

Nakimanyirawo ku ntandikwa nga Kimbuyege ono yali tayagalira ddala n'akatono kukuba kimunye kye ku musirikale Omungereza. Nange mu butasiwa nsaano ku mazzi, nafuba nnyo okumulemesa obukulembeze bw'ensi ye, yadde okubaako engeri yonna gye yefunzaamu eby'obusuubuzi, ne nzibikira buli kawaatwa konna Munnansi wa Uganda, ke yandiggyeemu akasimbi. Olwo ne nfuba okulaba nga buli kimu kyonna kizikirizibwa, okugeza ng'ente zaabwe, okwenyigira mu by'obusuubuzi, byonna ne mbizisa. Ekyo nakikola nga mannyi nti singa Abaganda kabatanda ne bafuna ekibiina ekibagatta mu byobusuubuzi, olwo ng'ebyokubafuga tunaaba tufuma bifume.

Ekyasinga okunzijira mu birowoozo byange, era ne kifuuka eddimu erimmenzabenza k... kubaga enkola esingira ddala obulungi era ng'eyo ey'okuddira buli, kwe kubatikka omugugu ogw'obuddu, tuguteeke ku bibegabega by'Abazaaliranwa Okubafuulira ddala abaddu okuva ku mwana okutuuka ku muzzukulu aliddawo.

Ffe ng'Abazungu, tulina obuyinza obw'enkomeredde bungi okufuga Afirika Ey'obuvanjuba awamu n'ennyanja zaamu zonna, kubanga zaavumbulwa bavumbuzi baffe Abangereza. Abaminsane baffe be baasookera ddala okwesogga Yuganda nga bagoba obuwufu bwa abavumbuzi baffe. N'olwekyo bwe tumala okuvumbula ebifo nga bino, okwo n'ossaako n'okulafuubana kw'Abaminsane baffe, tuba tumaze okwedondolera era nga tukyadondola buli kantu konna ke twetaaga mu Uganda.

Era singa Abaminsane baffe abalungi ennyo tebaatusuula mukono mu kaseera akakafungizankete ke ntwatandikiramu mu Uganda, mu kiseera nze kyempita eky'ekizikiza, mbuusabuusa ng'Abakungu baffe baandibaddeko ne ke bakokolawo era mu biseera eby'okukola endagaano twandigivuddeko bukumbu.

Omusingi gwe twasima mu Uganda mutereevu bulungi era endagaano gye twabakozesa kya bugagga nnyo eri bendera ya Bungereza. Ettaka eryo twalibakkwakkulako, era tebakyalirinako buyinza n'akatono. Oyo nno Kabaka wa Buganda takyalinawo buyinza n'akamu obufuga ensi ye era kati buli kimu kiri mu mikono gya Mubaka wa Bungereza mu Uganda.

Mu kaseera kano, Bendera ya Bungereza yeewuubira ku mirongooti gya Buganda yonna oba kale katugiyite Uganda Ekuumibwa Bungereza. Kati ndaba kikyetaagisa abantu baffe bangi nnyo bayiibwe era basaasaanire ebitundu byonna ebya Afirika ey'ebuvanjuba.

Kye nsembyayo okubagamba kati, kiri nti nze omulimu ogwambinikibwa gwonna ngumalirizza, era kino nkyogera nga sirina kubuusabuusa kwonna. Kati olugGi lugguddwaawo, omulyango mugazi eri Omungereza yenna, era mbasaba mukozese obuyinza bwammwe bwonna obusoboka".

Omuzungu yasanga Buganda nnene bulungi, ng'erina n'amatwale gaayo ge yali efuga. Obwakabaka obutono obwali bwetoolodde Buganda, nga bunafu nnyo. Okusobola obutasaanawo kumirwa Bwakabaka bwa Buganda obwali bugaziwa buli kiseera, abantu abo baalina kukwana oba kwegula eri Kabaka wa Buganda. Omufuzi oyo ng'asolooza emisolo mu kitundu kye n'agiweereza mu Buganda. Ekitundu ekyajeemanga, ng'Abaganda bakitabaala nga bakigatta ku Buganda, nga bakiweerezaamu omukungu omufuzi waakyo gwe baayitanga BALOZI eyakifuganga ku lwa Kabaka wa Buganda.



Ebitundu bino byonna byagaziyizibwanga ng'abantu bayiwa musaayi ng'ensi endala zonna bwe zaakolanga okugaziwa. Sir Apollo Kaggwa mu kitabo kye Bassekabaka ba Buganda ekyaddibwamu okufulumya mu 2002 ku lupapula 156 atulaga ebitundu Buganda bye yali efuga ku Kabaka Mwanga II nga 20.12.1896 era nga bye bino:-

1. "Busoga
2. Bunyoro
3. Ankole
4. Kiziba
5. Kayigizi
6. Busongola
7. Kalagwe
8. Mukontanyi
9. Buzinja
10. Kigaaju
11. Luma e Buyimba
12. Bukerewe
13. Jjangiro"

Ebitundu okuva e Kiziba okutuuka e Jjangiro bisangibwa mu Tanzania Omuzungu gye yabizza ng'asalasala mu Bwakabaka abunafuye, ekintu kye yasobola okukola nga tewali amukuba ku mukono. Abo kati bayitibwa Abaganda ab'e Kyaka. Bano Batanzaniya aboogera Oluganda era Abaganda mu buli nsonga eŋŋanda. Ekikakasa ng'ebitundu bino byali bifugibwa Buganda, ogendayo bugenzi n'osanga ebyalo ebitegekeddwa mu mpisa eŋŋanda. Balina ebika n'olulimi Oluganda nga bikozesebwa bulungi nga wano, era nga n'empisa ŋŋanda ddala. Amannya nago, ffenna nabo tutuuma gafaanagana. Amiini bwe yakimanya ng'afunye amazima gano, ate ng'alaba y'eva n'abamuyeekera, kwe kubitabaala abizze, atangire n'abayeekera okutulumba nga bava mu Tanzaniya, ekintu ekyamuleetera omutawaana.

Obwakabaka bwa Buganda edda nga bulina amaanyi, era nga butiibwa bannansi bennyini, n'abo abaabeeranga babwetoolodde, nga babutya nnyo. Nga tewali abwaŋŋanga kubulumba. Kino nga kikakasa enjogera y'Olulattini, nti "*Sivis pacem para bellum*", amakulu nti, "Bw'oba oyagala emirembe, wetegekere olutalo"; anti tukimanyi nti *Okwerinda si buti, ensanafu etambula egaludde.*

Era nga bagamba nti, "*Aamafumu aligaweesa, y'aliwangula olutalo*". Erinnya Aligaweesa buli Muganda alimanyi. Ate Omuluwo n'akugamba nti, "*Gwoke pere woro*". Amakuluge gamu nti, okwerinda si buti.

Omuzungu bwe yamala okunafuya Obuganda, bwafuuka bakimpe nkyekubire. Tewakyali abutya, era tebukyalina mirembe. Ne bannyini bwo tebakyatya bikolobero. Anti edda bwalina ebifo ebiwerako omwatwalibwanga abamaze okuwozesebwa ne basibibwa mu nvuba oba mu makomera. Waaliwo ebifo ebyekusifu ebyasindikibwangamu abo abaabeeranga basaliddwa ogw'okufa. Bino bye bifo omwattirwanga abantu nga biyitibwa Matambiro, era bye bino:-

1. "Ttuuyanyi e Kyaddondo
2. Nalulangadde e Wakaliga Kyaddondo
3. Wabitembe mu Kinaawa Busiro
4. Nakinziro e Seguku Kyaddondo
5. Namugongo Kisalosalo Kyaddondo
6. Natteta e Mubango Busiro
7. Kaasangalabi e Katadde Kyaddondo
8. Bbenga mu Bunyolo
9. Jjokerobusaanyi e Buyinja Ssingo
10. Kitinda, Ddamba Ssese
11. Kafunta, Bugungu Kyaggwe
12. Mpiimeerebera, Busega ku Mayanja, Kyaddondo
13. Kikubamitwe Luwuube Bulemeezi (Bakozi ba Bivve)
14. Balitta Bulemeezi (Bakozi ba Bivve)
15. Katereke e Nakatema Nsangi Busiro (Balangira)
16. Kyebando Kyaddondo (Balangira)
17. Mukutulakisanja Kijabi kya Mulere Ssingo
18. Ddewe, ng'eriyo Ggoonya Lutembe eyabalyanga, wali e Lutembe.

Baagigabulanga abazzizza emisango".

Baamalanga kuwozesa musango, oyo gwe gwasinganga nga bamusindika mu ttambiro. Weewaawo waliwo abo abattibwanga olw'okubatya naddala Abalangira, abo ababeeranga baagala okutta muganda waabwe balye Obwakabaka, nga babatwala mu matambiro ne battibwa. Naye amatambiro ago gaakolanga kinene nnyo mu kuziyiza



abantu okukola eby'ekivve, ebikolobero n'ebintu ebitasaana. Abantu baatyanga nti singa babakwatako engalo, nga basobezza, ng'obwabwe bukedde. Oyo n'abekika tebaamukwekanga. Kino kyafuula eggwanga lyaffe okubeera etteefu, ate nga litya okumenya amateeka. Kaakati amatambiro ago bwe gaggwaamu amaanyi, ng'enfuga y'Omuzungu ewa abantu eddembe obutagambwako, kati y'ensonga lwaki abantu bakola ebikolobero ebitawulirwangako mu nsi muno. Ate nga bikyeyongera mu maaso era bikyase. Abantu baabajeemesa nnyo. Olaba baagamba abantu nti, "Babakuluusanya ne babamalako eddemba nga balima enguudo ku bulungi bwansi, so nga mbu bawa omusolo!" Kati enguudo zonna zaafa kubanga buli mntu takyayagala kulina nguudo ng'alinda bamulimire bulimizi, oba kumala kumuwa sente.

Waliwo abagamba nti abantu baabafugiranga mu kutya, nga tebaagala bafuzi baabwe, naye ekituufu kiri nti baatyanga kukola bibi, nga ***tebatya kulima, kwebaka oba okukola mirimu gyabwe emirala,*** yadde okweyagalira musi yaabwe. Beeyagalanga kasita baamalanga okuwa omusolo n'okukola emirimu egyabeeranga gibalaalikiddwa. Kyatubeeranga mu musaayi okuweereza eggwanga nga tuyita mu Bika byaffe. Ebika nga biwulirwa bulungi olw'ensonga nti byasobolanga okuwozesa abantu baabyo, abo abaasingibwanga, nga tewali abattira ku liiso. Baaweebwanga ebibonerezo ebyagyanga mu misango gye bazzanga. Ekyekitalo, Omuzungu ayagala tulye, tunywe, twebake, tulowooze, era twefuge nga ye byonna bw'abikola. Ate nga tuli ba njawulo.Buli lwe tugezaako okukola ekimu ku ebyo, nga bwe tubyagala era bwe tubitegeera, olwo tubeera tulinnyirira eddembe ly'omuntu.

## MUTEESA BAAMUMMA EMMUNDU

Omuzungu bwe yalaba nga Buganda erina eggye erisussa mu mitwalo kkumi n'etaano egy'abasajja,( laba ekifaananyi kya Stanely; lup.124 ), nga n'ebitundu by'efunamu emisolo by'etwala bingi nnyo, ssaako n'ebika ebyanyweeza Abaganda awamu ggulugulu, n'amanya nga tajja kusobola Bwakabaka bwa Buganda kubunyigiriza nga bw'ayagala; ng'alabira ddala obuzibu bwe yafuna mu Bwakabaka bwa Shaka Zzulu, ne wano atuuse okubufuna. Yatandikirawo okukiziyiza nga yeeyambisa akakisa ke yali afunye nga Muteesa ayise abaasoma ne bakuguka mu kukola emmundu. Yayita abakugu abo Buganda nayo efune obukugu Bungereza bwe yali erina.Ye Omuzungu yasalawo kuleetamu banaddiini mu 1877 n'emmundu ezibakuuma. So nga bambi Muteesa yali asabye kuleeta bakugu, abayivu; oluvannyuma lw'okwegomba ebintu bye baali bakola,

okugeza ng'emmundu, obuganga, okuwandiika, engoye, ebikopo n'essowaani. Ettaala n'entebe byonna ebyamuweerezebwa Nnaabakyala wa Bungereza.

Emmundu Muteesa yagyegomba nnyo, era n'agiwa omusajja we alabe bw'ekuba. Omusajja gwe baakuba yafiirawo. Muteesa ne yeewuunya nnyo amaanyi g'emmundu n'amagezi ge baakozesa okugikola. Kye yava ayagala abakugu abo bajje muno basomese abantu be bayige okubikola babeere ab'amaanyi. Bw'osoma ebbaluuwa ya Muteesa I gye yawandiikira Nnaabakyala Queen Victoria oyongera okukakasa kye ŋŋamba. Anti yawandiika bw'ati:

*OBWAKABAKA BW'EBUGANDA*
*LUBIRI, MMENGO,*
*1876.*

*Nnaabakyala Queen Victoria-London.*
*Kabaka w'ensi z'e Bulaaya zempulira.*

*Nkuwandiikidde nga nkussaamu ekitiibwa kingi awamu n'abantu bange, Abalangira n'Abambejja, n'abantu Abakulu b' Ebika bonna ab'ensi yange. Bantumye okukulaba nga bakussaamu ekitiibwa. Nze awamu n'abataka bonna ab'ensi yange Uganda, wamu n'Abalangira n'Abambejja, nsinziira mu abo nga nkuwandiikira n'obwesigwa obw'amazima agalituusa ensi yange ku mutido ogw'amagezi nga ag'abantu bo ab'e Bulaaya bwe bali. Nkusaba ompeereze abakugu mu by'amagezi, bajje bayigirize abantu bange bonna eby'amagezi gonna ag'ewammwe ge muliko. Ompeerezanga abantu ab'amazima ddala abataliryа mu nsi yange "Olukwe n'okuvulugavuluga abantu bange mu mpisa embi", wazira okuyamba nze n'abantu bange bonna okufuna amagezi agalibasobozesa okufuga ensi yange mu ddembe. Ompeerezanga ne ku basomesa ab'eddiini ntegeere Katonda.*

*Nze MUTEESA I.*

Muteesa baamulyazaamaanya ne bamuleetera Baminsane abaasembayo okusabibwa, kubanga Omuzungu nga naawe bw'omumanyi, nga tayinza kukkiriza muddugavu ate nga "w'ewala eyo mu nsiko", okukola wadde okubeera n'emmundu. Kye baava bakyusa mu bantu Kabaka be yali asabye ne bamuleeteramu Baminsane. Ate ne bannaffe abasomesa eddiini, mu bbaluuwa ya Muteesa boogerako kya kuyita Baminsane bokka, ebirala tebabinyega. Nga balinga abagamba nti Muteesa yasaba Baminsane bokka.



Ebbaluuwa ya H. M. Stanley gye yawandiikira Daily Telegraph ne The New York Herald nga 14.4.1875 ng'asinziira e Busaabala, eyafuluma nga 15 June 1876, kino ekikakasa bulungi. Stanley buli kye yayagala tufune, kye kyayitamu. Ebbaluuwa eyo eri ku lupapula 164 mu kitabo kye "Through The Dark Continent" ekyafuluma mu 1899, mu bitundutundu esoma bweti:

*"Obusiraamu mbusiguukuludde, era Muteesa akkirizza okusomanga Ssabbiiti, kyokka ng'asoma n'ejjuma okutuusa ng'afunye okumanyisibwa okusingako awo. Amateeka ekkumi aga Musa agampandiisizza ku lubaawo asobolenga okugasoma buli lunaku."..... "Omuminsane omukozi ky'ayinza okukola wano tekirojjeka"...."Muteesa ajja kumuwa buli ky'anaabeera yeetaaze, okugeza amayumba, ettaka, ente, amasanga n'ebirala."...."Si Mubuulizi wa bulijjo eyeetaagisa wano. Kyetaagisa Balabirizi bonna aba Bungereza nga bali wamu n'abavubuka ba Oxford ne Cambridge, kyokka nga boogera bwogezi awatali bikolwa, nabo tebasobola kumatiza Baganda bano, bagezi nnyo. Omukulisitaayo asobola okusomesa abantu bano Obukulisitaayo, okujjanjaba endwadde, okusima enzizi, obulimi, y'asobola okukola ekyetaagisa wano."...."Omuntu afaanana bwatyo, Muteesa Empologoma ya Buganda, Busoga, Bunyoro ne Kalagwe gwe yeetaaga. Ansabye nti singa Abeeru baggya gy'ali, ajja kubawa buli kimu kye beetaaga."*

Omuzungu teyakoma ku kya kuggyamu bakozi ba mmundu kyokka, wabula yakimanya ng'Abaganda bagezigezi basobola okupangulula emmundu ne bagikoppa ne bagikola, ne batandika okukola emmundu zi Magezigaabanda. Kye yava ateekawo etteeka nti omuntu yenna aweesa, n'oyo asangibwa n'emmundu Magezigaabaganda, bombi baakusibwanga mayisa nga tebawozezza. Era n'oyo akwatibwa n'emmundu etalina layisinsi, ng'aweebwa ekibonerezo. Wabula wadde ng'Abazungu baagenda dda, na buli kati eky'okusaalirwa etteeka lino likyakola. Likyalobera abagezigezi okutukolera emmundu ezaffe.

Muteesa I yali mugezi nnyo, ng'ategeera mangu era ng'afumiitiriza nnyo. Naye ekigambo "Tiriniti" nga bwe yakiyitanga, kyamulemera ddala okutegeera. Yeebuuzanga engeri omuntu gy'ayinza okugatta ebifaananyi ebisatu, ekya Katonda Kitaffe, Katonda Omwana eyali omuntu nga ffe ne Katonda Mwoyo Mutukuvu, eyajjiranga mu Jjuba, n'asobola okufunamu Katonda omu! Mapeera yamatiza Muteesa mu kubula kwe yalimu ku nsonga ya Tiriniti. Yamugamba nti, "Tiriniti ekulemedde bwereere okutegeera. Okufaanana ensinza

y'Abaganda, n'ensinza y'e Ruumi, zombi tezirina njawulo. Lubaale alimu emmandwa ssatu-Kiwanuka, Mukasa ne Musoke. Ezo z'emmandwa ezikola Lubaale. Ate ewaffe eri ekitangaala, Katonda akolebwa Baperesona basatu-Patiri, Omwana, n'Omwoyo omutukuvu". Kino kyamatiza Muteesa.

Eddiini ebbiri ey'Abangereza n'Abasiraamu, zo zaagaanirawo abantu okuddamu okwesinza Balubaale, okunywa omwenge, okwabya ennyimbe, n'okusiba Abalongo. Abangereza bo baagaana okuwasa abakyala abangi. So nga Abasiraamu bakkiriza okuwasa abakyala bana. Eddiini y'e Ruumi yasooka n'erekera abantu eddembe okwesinza mu ngeri yaabwe, eno nga bw'egenda eggyamu, nga eno bw'eteekamu ebyayo. Yalekera abantu eddembe okunywa omwenge, okwabya ennyimbe n'okulima ebiggya. Baggyamu okusiba Abalongo, n'okuwasa abakyala abangi. Kyokka bo nga babatiza abaana ba bakyala ab'ebbali. Kino kyaleetera abantu baffe abasinga obungi okuyingira eddiini eno ekkiriza eby'Obuwangwa okusinga eddiini endala ezisigaddewo.

Muteesa yagenda okuwulira nga basoma mu Zabuli 118: 9, nti "Kirungi okwesiga Mukama, okusinga okusuubira Abalangira". Okwo kwe yassa okumanya nti eddiini y'emu eyo, esomesa nti waliyo Kabaka wa bakabaka, nannyini nsi, eyafa n'azuukira. Ekintu ekyo Kabaka yakitya nnyo, ng'alaba nti wano mu Buganda waliyo waggulu we Kabaka omulala. Ekyo n'atakyagalira ddala. N'amanyira ddala nti Abazungu bajjira mu ddiini kulya Bwakabaka bwe, awamu n'okujeemesa abantu be. Ggwe ate olaba waggulu we eriyo Kabaka wa Bakabaka! Era kye yava tafuna linnya lya Kikulisitaayo, so nga yali amaze okusoma eddiini y'Obusiraamu, era ng'atuumiddwa erinnya "Sayidi". Yasalawo eddiini zino zonna okuzireka, wadde ng'abantu be bangi baali bamaze okusoma eddiini eŋŋenyi.

Kino kikakafu kubanga ne Mw. Hattersley mu kitabo kye "The Baganda at Home", 1904 & 1968, kye yasookerako ku lupapula 2 bwe yagamba nti, "Rev. R.P. Ashe eyakolanga ne Alegizanda Makaayi(Alexader Mackay), yakyogeranga lunye nti Muteesa teyayagalanga bamugambe kya ddiini, naddala bwe baayogeranga ku bwakabaka obw'omu Ggulu, nga bw'eriyo Namulondo omulituulibwa nga tusalirwa emisango." Kino kyongera okukakasa nti Muteesa yali atidde bannadiini, ng'abeekengeera nti basobola okuyita mu ddiini ne batwala ensi ye. Ate olaba bo n'omukazi bamuwa Obwakabaka! N'olwekyo yali tasobola kubayita bajje basomese eddiini wano. Kye yava akisembyayo ng'Abazungu bamwetayiyiridde akiteekemu. Ye yali ayagala kuyiga kukola mmumdu abeere w'amaanyi okusinga bwe yali. Era kino yakirambika bulungi nnyo mu bbaluuwa ye nga bw'erabika.



Wadde nga Muteesa yali akkiriza abantu be okusoma eddiini nga buli omu bwe yali awulira, okukkiriza abantu be okusoma eddiini, yye, gye yali amaze okwekengeera, yamala kutuuza lukiiko. Yasooka kwagala kukakasa kigambo kya kuzuukira ekyali kimusomesebwa buli lunaku. Yasalawo kutta mbwa ye Magimbi ne bagizinga ng'omuntu; n'ayita Abasomi basabire "Omulangira" eyali azaamye, ng'amaze okukkiriza eddiini y'Abazungu, alabe ddala obanga anaazuukira. Bwe waayitawo ennaku musanvu, n'amanya nti Abazungu bamulimbye, olwo n'alyoka atuuza olukiiko. Olukiiko olw'ebyafaayo luno, lwalimu Katikkiro Mukasa, Bannaalinnya, Tebukozza Kyambalango ne Ntwatwa Kawuuta.

Muteesa yabuuza abantu be nti:-

"Abasajja bano Emmomboze enjeru tetulina lulimi lwe twogera nabo, tukozesa mikono nga batugereza bugereza, ate tebatuula wamu bonna, bazunga buzunzi nga balaaya bulaaya mu buli kifo. (*Wano we waava ebigambo Bangereza, Bazungu ne Bulaaya).* Bwe baaleeta Abataputa, olwo ne tulyoka tutgeera kye bagamba, era nga baagala tusome eddiini zaabwe. Naye bo Abawalabu tubadde nabo ebbanga ddene, era ng'eddiini yaabwe tugisomye nnyo, era tugimanyi. Bano Abangereza n'Abafalansa bwe bazze, buli omu ayagala, era afuba tusome yiye. Kaakati mbabuuza tukole tutya?".

Tebukozza Kyambalango ye yasooka okuddamu nti:-

"Ssaabasajja, watusomesa Busiraamu. Bw'oba ng'olabye nti Abangereza be batuufu, nze nteesa nti eyo eddiini gye tuba tusoma".

Katikkiro Mukasa, ye, yateesa nti:-

"Abawalabu bajja kugula baddu, okwo kwe bassa okusomesa eddiini. Abangereza bo bajja butereevu kusomesa ddiini. Ate Abawalabu baatukola ekibi ne baleeta muno okulya ebisiyaga. Ate n'ekirala Abangereza balina amazima kubanga twabatega abawala, naye tebaabakwatako. So nga bwe twabatega Abawalabu tebaabasonyiwa.

Ekirala mujjukire nti Abangereza baawakana n'Abawalabu(wano baasinziira ku Minsaaki, Azaaliya ne Kayinaani mu Danyeri) ba bookere mu nju, nti anaawona nga y'asoma eddiini entuufu. Senkoole yalagirwa afune enku nnyingi nnyo ezinaayokya enju eyo

omwali abasomi. Abangereza bo baayingira mu nju, Abawalabu bo baagaana okuyingira, mbu bo tebakema Katonda. Abantu baasala empaka nti Abawalabu batidde kubanga bamanyi nti eddiini yaabwe si ntuufu.

Wabula ekibi kye ndabye, Abangereza batugaanye okuwasa abakyala abangi, ekintu ekijja okukendeeza amaka n'amaanyi gaffe. Era batugaanyi n'okusuubula abaddu. Okuggyako ebyo, nze ndowooza twalisomye ddiini ya Bangereza!"

Ntwatwa Kawuuta yateesa nti:-

"Ssaabasajja, nze ndaba nga bonna baabula era batulimba. Tetumanyi kisingako bulungi. Abawalabu bagamba nti Muwamadi Mubaka wa Katonda. Abangereza n'Abafalansa bakiwakanya.

Abangereza bagamba nti Yisa Masiya mwana wa Katonda, era nti Katonda. Abawalabu bakiwakanya nnyo nga bagamba nti Katonda teyeebaka na mukazi kusobola kuzaala. Ate Abawalabu baatulabula nti ng'oggyeeko ekyo eky'okuwasa omukazi omu, nga munnange bw'agambye, buli nsi Abangereza gye batutte, baasookayo ddiini yaabwe. Olugisoma bwe muti, ng'ensi yammwe bagitwala.

Ate n'ekirala, Abafalansa tebategeeragana na Bangereza; so nga balinga aboogera ku muntu omu Yisa Masiya, bo gwe bayita Yeezu. Atre fenna tukimanyi nti Makaayi alina ekyuma ekikuba ebitabo e Nateete. Abafalansa ekiro batwalayo ebintu byabwe ne babikubirayo. Abantu bwe baakimanya ne bagamba nti Abangereza n'Abafalansa baali tebakkaanya misana, naye ekiro bategeeragana e Nateete. Osanga abantu bano Ssaabasajja, balina ekyama wakati awo, nga baagala kulya nsi yaffe.

Ekisembayo Ssaabasajja, mujjukire abasomi bano bajja mu Kibwa okusabira 'omuntu' waffe azuukire nga bwe batusomesa, naye teyazuukira. Bonna tubaveeko Ssaabasajja, balina kye batunoonyaako"

[Kibwa ky'ekifo e Nabweru, we baaziika embwa Magimbi ne bagitega Abazungu!].

Bannaalinnya bo baagamba kimu nti:-



"Mukama waffe eddiini y'Abawalabu ogimanyi nnyo era ogyagala. Naye Empologoma tefumitwako ffumu. Teyiwa musaayi. N'olwekyo tosalibwa n'oyiwa omusaayi".

Muteesa yamaliriza olukiiko ng'agamba nti:-

"Abawalabu bagamba nti olugendo olugenda mu Ggulu lutono nnyo, lulinga luviiri. Ssebo, ani alisobola okuluyitako n'atambula okutuuka mu Ggulu?. Olwo teri aligenda mu Ggulu?.

Ekintu ekirala, nze siyinza kuyiwa musaayi. Ate okubeera Omusiraamu omujjuvu, nina kumala kuyiwa musaayi, ensi kye tekkiriza. Eyo eddiini sijja kugisoma. Era sijja kusoma ddiini yonna kubanga bwe naasoma emu ku zo, nja kuba nga nsosola abantu bange abataasome ddiini gye naabeera nsomye. Nja kuba nga mbalese bokka. So nga bantu bange bonna. Abantu bange bo kka basome eddiini gye baagala. Ekisembayo, obutasosola bantu mu kulya, Abasiraamu basale ebisolo ffenna tulye nga tewali atya kulya wa munne".

Kino oluvannyuma Mbogo mu 1892 kye yafuula etteeka Omusiraamu okusala ebisolo, oba okubeera omusango singa Omusiraamu agaana okusala ebisolo ng'abadde asabiddwa.

Okumanya ng'amagezi ga Muteesa I gaali mayitirivu, wadde nga yakkiriza Abaganda okusoma eddiini zino, naye yagaana okuwa Abasomi ettaka. Baali baagala okulifuna nga bayita mu kusoma. Lumu Makaayi ne Mapeera baateesa okusaba Muteesa abaguze ettaka. Mapeera kyava mu Lufalansa ''*Ma Pere*", amakulu nti Kitange, *"Faaza"*. Baateesa nti Mapeera y'aba alisaba. Era Mapeera n'agamba Muteesa nti:-

"Ssebo tukusaba otuguze ku ttaka, tulimireko emmere yaffe".

Muteesa yabuuza Mapeera nti:-

"Wajja otya wano? Ani yakuyita? Bano banno bajja nga mpandiikidde Kwini".

Mapeera yaddamu nti:-

"Bwe nalaba nga waliwo obwetaavu, ne nzija".